# Ebyafaayo by'Endagaano

Ya 1900

kya

J. V. WILD

kyakyusiba

STEPHEN G. LUBOWA

Y. K. W. Sengoba

MACMILLAN AND CO., LIMITED
ST. MARTIN'S STREET, LONDON
1952

A Treasury of East African History
by J. V. Wild

Luganda: Ebyafaayo by'Endagaano

Translated by Stephen G. Lubowa

The manuscript of this translation was obtained through the Uganda African Literature Committee and the East African Literature Bureau

*This book is copyright in all countries which are signatories to the Berne Convention*

MAKERERE UNIVERSITY LIBRARY

PRINTED IN GREAT BRITAIN
BY THE CAMPFIELD PRESS, ST. ALBANS

## OBUGAMBO BWA SSAABASAJJA KABAKA

Akatabo kano koolekera mu ttu ettono ebyafaayo by'emisingi okuyimiridde entabagana y'Abangereza n'Abaganda mu by'obufuzi. Okukwanya ebyafaayo by'Endagaano ya 1900 mu ttu nga lino, ate mu ngeri etegeerekeka eti, Mr. Wild gy'ayolese, gubadde mulimu ogwetaagamu okwekenneenya ennyo, awamu n'obwekkaanya, ebyaliwo mu myaka ataano egyafundikira ekyasa eky'e 19.

Olwokuba nga waakayita emyaka ataano butaano kasooka Endagaano ya Buganda ekakasibwa, era nga bikyajjukirwa n'abaliwo kati, kinaayongera abanaasoma ekitabo kino okukinyumirwa.

MUTESA

" Eky'omukisa, abantu sibaaweebwa nnyo kumanyirawo wadde okulangirawo ebigwawo gye birikkira, anti obulamu bwanditamiridde. Mu bbanga erimu abantu bafaanana okubeera ng'abaali abatuufu, ate mu ddala ne bafaanana ng'abaawubwa. Ate nga wayiseewo emyaka emitonotono, nga tulengera bya mu biseera by'ewalako, byonna birabika bulala. Enfaanana y'ebintu eba ya njawulo, n'omugaso gwabyo gugeraageranyizibwa.

Ebifaayo, n'ettaala yaabyo etemereza, bigenda byesittala mu kkubo ly'ebyayita, nga bigezaako okubitetenkanya nga bwe byalabikanga, okuzzaawo kyeyitabya waabyo, n'okwakiza ekitangaala eky'ekizimeera ebyalulunkanirwanga edda.

Ebyo byonna bya ki ? Omukulembeze w'omuntu ali omu : ye nkebe ye ; engabo y'obujjukizi bwe emu yokka bwe buluŋŋamu n'amazima g'ebikolwa bye. Kya butwazzi nnyo okuyita mu bulamu nga tolina ngabo eno, kubanga tukongoolwa lunye bye tusuubira bwe bitatuukirira ne bye tutetenkanya bwe byevuunika ; naye bwe tuba n'engabo eno, ekiba ne bwe kiba, bulijjo tugendera mu ba kitiibwa. . . ."

WINSTON CHURCHILL

# EBIRIMU


| ESSUULA | | OLUP. |
|---|---|---|
| | ENNYANJULA | |
| 1. | UGANDA EYAKULEMBERA OMWAKA 1862 | 1 |
| 2. | ABANOONYI B'ENSI N'ABAYIGIRIZA B'EDDIINI ABAASOOKA | 4 |
| 3. | ENDAGAANO Y'E BERLIN | 8 |
| 4. | DR. KARL PETERS | 12 |
| 5. | F. J. JACKSON | 26 |
| 6. | KAPTAANI LUGARD N'ENDAGAANO YA 1890 | 31 |
| 7. | KAPTAANI LUGARD (ERA) | 45 |
| 8. | KAPTAANI LUGARD N'ENDAGAANO YA 1892 | 48 |
| 9. | IMPERIAL BRITISH EAST AFRICA COMPANY EGGYAMU ENTA | 56 |
| 10. | SIR GERALD PORTAL N'ENDAGAANO ZA 1893 NE 1894 | 60 |
| 11. | 1894–1899 | 70 |
| 12. | SIR HARRY JOHNSTON | 74 |
| 13. | ENDAGAANO YA 1900 | 77 |
| | ENDAGAANO Y'E BUGANDA 1900 | 79 |
| | ENDAGAANO ENDALA | 97 |
| | EBITABO EBYEYAMBISIBWA | 97 |

## EBIFAANANYI


| | OLUP |
|---|---|
| SSAABASAJJA KABAKA MUTESA I .. .. .. | 5 |
| EKIBUGA KYA MUTESA KU LUBAGA .. .. | 6 |
| REV. FATHER SIMEON LOURDEL (MAPEERA) .. | 20 |
| KABAKA MWANGA II AYANIRIZA DR. KARL PETERS | 25 |
| CAPTAIN F. D. LUGARD, D.S.O. .. .. .. | 43 |
| SSAABASAJJA KABAKA MWANGA II .. .. .. | 63 |
| KABAKA DAUDI CHWA II .. .. .. .. | 76 |


## ENNYANJULA

OMUNGEREZA omwatiikirivu, Sir Walter Raleigh, yawandiika nti :

" Ebyafaayo kye bigenderera ne bye bikwatako kwe kutuyigiririza mu byokulabirako eby'ebiseera ebyayita, amagezi agayinza okuluŋŋamya ebyetaago n'ebikolwa byaffe."

Amagezi gano geetaagibwa olw'okutuluŋŋamya mu bikolwa ebyaffe ku bwaffe, n'eby'okutabagana ne bannaffe, n'eby'obufuzi. Ng'omuwandiisi ow'ensangi zino bwe yagamba, bwe gabulawo abantu baba " basigalidde kukolera ku kubabaalukana, na bikolwa bya kiruyi, omutali bwenkamunkamu na kulanda."

Bede, omusaserdooti Omungereza eyeekenneenyanga ebyafaayo mu myaka nga 1250 egiyise, yatandikira ebyafaayo bye eby'eggwanga ly'Abangereza ku kuwandiikira Kabaka ennyanjula mwe yayolekera omugaso gw'ebyafaayo mu kuluŋŋamya ebikolwa bya buli omu. Yawandiika nti : " ebyafaayo bwe binoonya ebintu ebirungi ku bantu abalungi, awulira ng'ataddeko emmeeme asindikibwa okugoberera ebirungi ; naye bwe bikoona ku bintu eby'obugwagwa ku bantu ababi, era awuliriza bw'abeera omujjuvu w'eddiini ayongerwa bwongerwa okusindikibwa okukola ebintu ebyo by'amanyi nti birungi."

Ne mu bikolwa eby'ekirindi eby'ekibiina, namwo okumanya ebyayita kwetaagibwamu amazadde ag'ebiro ebyayita gye gaakuzaamu embeera yaago ey'okutabagana mu ngeri eyagasobozesa okufufuggaza amaanyi agafaafaaganya obuntubulamu mu go, olwo nalyo lwe liba lisinze okwetegekera okulwanagana n'amaanyi ago mu biseera enkyukakyuka ez'amangu we zijjirawo.

Obuluŋŋamya ng'obwo bwetaagibwa ne mu by'obufuzi. Mu butamanya byayita muyinza okuvaamu okufubutukira emmalirira ey'ebiteesebwa olwokuba ng'abantu sibawerawo abamanyi oba abategeera abakulembeze baabwe ab'omu biseera ebyayita ensonga ezaabakozesanga mu ngeri gundi nga waguddewo ekintu gundi.

Nga Africa ey'Ebuvanjuba bw'eyolekedde okutuukwako enkyukakyuka ez'okukwata ku buli omu mu ngeri emu, okusobozesa buli amanyi okusoma ayige ebyafaayo byamu kigambo kikulu. Ebitabo bingi eby'ebyafaayo by'ebitundu ebirala eby'ensi bifunika, naye ku byafaayo bya Africa ey'Ebuvanjuba bitono ebyali biwandiikiddwa mu ngeri efunika omusomi owa bulijjo. Oluse lw'ebitabo bino, n'ense endala nga " Abatambuze abaasooka mu East Africa," " Empisa n'obulombolombo mu East Africa," " Enkuluze y'Ebyafaayo bya East Africa," zijja kugenda nga zikubibwa olw'okusobozesa abasoma ebitabo beeyongere okumanya ku byayita. Mu kuyiga ebyafaayo kiyinzika okweyongera okutegeera ebiriwo, ate n'okufunamu eby'okugobererwa gye bujja.

## EBY'ABAKUBI B'EKITABO

Amannya g'abantu abamu era n'ebifo agali mu kitabo kino, galekeddwa mu ngeri abawandiisi b'ebitabo abamu nga bwe baagawandiikanga mu biseera ebyo. Ebigambo bingi mu Ndagaano ez'edda birekeddwa nga bwe byawandiikibwa, naye ENDAGAANO 1900 yo erekeddwa mu ngeri y'empandiika gy'esangiddwamu yonna.

1

# UGANDA EYAKULEMBERA OMWAKA 1862

Ekikulu, ekitabo kino kifa ku Ndagaano ya Uganda eya 1900, naye sikisoboka kutegeera bulungi Ndagaano eyo nga tomanyiiko ku byafaayo bya nsi eno, era ddala n'okumanyako ku byafaayo bya Bulaaya. Ekikakanyavu kwe kumanya ebisaana okussaamu ku byafaayo ebyasooka, ate n'ebiyinza okuwandulwa emirembe ne wataba kukyamya byaliwo.

Mpozzi ekisinga obukakanyavu ekyolekera abawandiika ku by'ebiseera ebyo, kwe kuba nti newakubadde kyenkana tumanyidde ddale ebikolwa by'Abazungu abo abajja mu Uganda mu biseera ebyo eby'edda, mu kitundu eky'okubiri eky'omulembe gw'ekkumi n'omwenda, olw'okubeera ebiwandiiko bye baaleka ng'ebitabo, ebbaluwa, riporta, ebya buli lunaku n'ebirala, okumanya kwaffe ku bikolwa by'Abaganda n'ebyabali mu mitima sikutuuka awo, anti baali sibamanyi kuwandiika Abawarabu n'Abazungu nga sibannajja.

Buli kigambo ekyogerwako kitera okuba n'enjuyi bbiri, era n'eky'Abazungu okuyingira mu Buganda bwe kiri. Sigenderera kuwa byange ku bwange, wazira okuwandiika n'obwenkanya ebyaliwo nga bwe byajjanga; kyokka sirema kugamba nti okwekkaanya ebya buli lukya kukuleetera okukakasa nti obufuzi bw'Abazungu mu Africa bwali sibuwoneka.

Eky'Abangereza okubeera abagunjufu ennyo okukira Abaganda wakati w'omulembe ogw'ekkumi n'omwenda sikinenyezebwa Baganda oba Bangereza. Bwe kiri, era kiteekwa kukkiririzibwa awo bwe kityo nti olwo Bungereza ke kaali akasolya k'obwakabaka obumaamidde ensi era ng'esukkulumye mu buyinza bwayo.

Newakubadde ng'akafo ka Bungereza okwesuuba olubalama lwa Bulaaya mu by'enkula y'ensi, era n'empisa azaalondoolwako mu Bayonaani n'Abaroma biyitibwa ennono yaako; ekyaleeta ebyo kisusse ku binnyonnyoleka mu kitabo nga kino.

Kya mazima omwoyo omwaŋŋanzi era omutambaazi gw'ebizibu ekitundu ekyagwo kinene mu kuggulawo Africa

mu myaka egiyise. Si kugamba nti Abangereza baali bokka mu kulambula n'okulongoosa ekyamala emyaka enkumu nga kiyitibwa "*Africa ey'ekizikiza zzigi*," n'amawanga Amalaaya amalala gaalinamu abasajja abazira era abaŋŋanzi abaago bangi, na ddala Abaportugiizi, Abaitale, Ababirigi, Abadaaki, n'Abafransa.

Abaganda ku ludda olulala baali wakati mu gusi ogunene, nga beesudde amayanja amanene era n'ensi ez'ebweru olw'obutabaawo migga gigoberwako maato, nga beeyagalira mu mpewo ey'ebbugumu n'ensi eŋŋimu etaabeetaagisanga kufaabiina nnyo okufuna ebyetaagibwa mu bulamu. Kyokka Abazungu we baasookera okujja, Abaganda nga babalirwa mu mawanga amakulembeze mu Africa ey'Ebuvanjuba, era nga batuuse ku ntegeka y'obufuzi esooloobye ennyo ku zisinga obungi eza baliraanwa baabwe ababasingako obubisi. Engeri kino gye kyajjamu ekyekenneenyezebwa, newakubadde nga sikibuusibwabuusibwa nnyo nti olulyo lwa bakabaka b'e Buganda lwaviira ddala mu balumbi abaafuluma ebuvanjuba oba ku ddyo wa buvanjuba ne bafumbiriganwa ne bannansangwa ne bazaalukukamu ezzadde eddabufuko. Bakalwana-butanule abo, mpozzi abaayingirira Buganda mu myaka nga bisatu egiyise, balinga baali *Baimaima* abaava mu bitundu by'Abyssinia oba *Bajaluo* abaava mu Sudan ; olugero lwa Kintu lwe lubeekuusaako mu ngero eziriwo kati.

Newakubadde ng'Abaganda baalina enkizo y'obugunjufu ku mawanga mangi ag'omu Africa ey'Ebuvanjuba, baali babisi nnyo nnyo ku mitindo gy'Ekizungu. Ekintu ekyangu ennyo nga nnamuziga baali sibannakiyiiya wadde okukisaka, era empapula n'okuwandiika nga sibimanyiddwa. Olwo nno nkoonye ku bibiri byokka mu bikulu ebitalekana na kintu kye tuyita obugunjufu. Bino sibireese lwa kwagala kulengezza ddaala Abaganda lye baali batuuseeko wadde okulumiriza enkizo y'Abazungu. Ekibireesezza lwa kuba nga bye byafaayo nga bwe byali era nga byetaagibwa bimanyibwe era bikkirizibwe omuntu alyoke ategeere ebyagwawo Abazungu we bajjira mu Buganda.

Waaliwo era n'enjawulo nnene nnyo mu ngeri y'obufuzi n'amayisa. Emyaka egyagala okuwera enkumi ebbiri egy'Obukristu gyaleeta mu Bulaaya empisa z'omu bantu okulongooka ennyo, wamu n'empisa y'obwenkanya eyaleetera buli ali w'ali okuwona okunyigirizibwa—newakubadde



nayo ebulako nnyo okubeera entuufu ddala. Bino byonna sibyatuukwako watali muteeru na muligano, wazira byayita mu kuteeruukana n'okwewaayo okw'abasajja n'abakazi bangi abaddiriragana nga basindikibwa ebirowoozo ebya waggulu. Kino kiyinza okuba ng'ekyewuunyisa abasoma abamanyiiko eby'entalo ebbiri nnamuzisa ezaasombwa amawanga Amalaaya mu mulembe ogw'abiri. Entalo zino zaaleetera abangi okwefumiitiriza ennyo ku bigambwa mbu bye birungi by'obugunjufu era n'okwebuuza oba omuntu mu mazima yeeyongera mu maaso oba adda nnyuma. Ekitabuusibwabuusibwa, mu by'ensi, ensi yeeyongedde mu maaso mu ngeri eyeewuunyisa mu myaka ekikumi mu ataano egyakayita ; naye eky'okusaalirwa eky'eby'omwoyo n'eby'obuntubulamu okugendera awamu (mu maaso) n'eby'ensi kibuusibwabuusibwa nnyo.

Okubuusabuusa okwo abasajja n'abakazi Abazungu sikwabajjiranga nnyo, emabega w'emyaka ekikumi egiyise. Baasinganga kukakasiza ddala nti omuntu yeeyongera mu maaso, era bwe bajja mu Africa baamanyira ddala nti bye banaakola, eby'okuyigiriza n'okutwala Abaddugavu mu maaso bingi. Baakwatibwa nnyo ensisi n'ekikaŋgabwa, okulaba enkola y'abafuzi Abafrika era n'engeri obulamu bw'omuntu gye bwayisibwangamu ng'ekitagasa. Awatali na kulonzalonza, baatandikirawo eddimu ly'okuggya ku bakabaka n'abaami Abafrika, obuyinza bwabwe obwa musirannumbu obw'okutta abantu, obwalabikanga nti babukozesa awatali nsonga na kusaasira wadde okulowooza ku mateeka, eby'obulamuzi obw'amazima kwe bitandikirwa. Speke annyonnyola nga Kabaka Mutesa ku lwa 23 February, 1862, bwe yassa amasasi mu emu ku ntuumuusi ze n'agikwasa omugalagala n'amulagira agende mu mbuga ey'ebweru atteyo omuntu ; ate ne kakalikyejo ako nga bwe kaakomawo okuwera nga kasanyuukirira nti kakituukirizza ; era nga bwe waabula afaayo n'akatono okumanya attiddwa. Emin Pasha n'abalala bangi bannyonnyola endabika y'ensi esambajjiddwa ekiwendo ekitumiddwa Kabaka. Buli omu amanyi ng'omulimu gwa Kabaka ogumu ku gye yasookerangako nga yaakawaŋŋama ku nnamulondo, kwe kutta bonna abandisobodde okumulyako obwakabaka. Sikigasa na kwongera kuteetula mayisa ageesisiwaza Abazungu abaasooka okukuba eriiso ku Buganda. Kyokka era kati tutegeera nti okulabira ku

ddaala ng'eryo abantu lye baaliko, okukozesa obuyinza ng'obwo obwa musirannumbu, waakiri kwatabaganyanga abantu olw'okutya n'okussaamu ekitiibwa abo abaabulina, era nti n'okubuggyawo embagirawo kwayaliriza obutabuko obwaddirira.

Obusuubuzi bw'abaddu, ennyimbe, enjala, n'entalo z'obuwangawanga byasaanya ensi, era abanoonyi b'ensi be baasooka okubyoleka Bulaaya mu myaka ekikumi egiyise. Okwegomba kw'obw'omuntu okuggyawo oba okukendeeza obuyinike bwe baaleeta, kwali kasagguzo ka maanyi agaasindika Abazungu okujja mu Africa ey'Ebuvanjuba. Si ke kaali akasagguzo kokka. Okulumirwa abantu, okwetegekera entalo, obusuubuzi, okwetegereza enkula y'ensi, n'okufuna amatwale ag'obubudamo, byonna, mu biseera ne mu bitundu ebitali bimu, byakola ogwabyo.

## 2


## ABANOONYI B'ENSI N'ABAYIGIRIZA B'EDDIINI ABAASOOKA

Omwaka 1850 okugenda okutuuka, ng'olubalama lw'Afrika lumanyiddwa bulungi abalunnyanja Abazungu, era nga lwolekeddwa na bulungi ku bifaananyi by'ensi (1) eby'akakyo ako. Ebitundu bingi byali bivumbuddwa ku lukalu okufuluma ku Bukiika obwa ddyo n'Ebugwanjuba ne mu Bukiika bwa Kkono bw'Ebuvanjuba. Afrika ey'Ebuvanjuba n'eya Wakati era kyenkana nga temanyiddwa, ate n'ekyama ky'ensibuko z'omugga Kiyira ekyali kisobezezza abanoonyi b'ensi ne bakakensa baayo kyali tekinnaggukwamu.


Omunoonyi w'ensi Omungereza Speke, ye yasooka okuyingira mu Buganda mu 1862. Mu 1864 Baker, eyali afulumye ku Bukiika bwa kkono ng'akiiba omugga Kiyira n'avumbula ennyanja Muttanzige (2) Abazungu bano bombi, be tuteekwa okugulumiza olw'okuvumbula ensibuko ya Kiyira. Speke yagumirayo okufunda ku bunoonyi bw'ensi, n'okutegeeza obulungi abantu b'ensi ye eŋŋendo ze, n'ensi, n'abantu mwe yayitanga. Baker, bba w'omukazi omweru

(1) Maps.—Abaganda abamu bamanyi okubiyita Maapo oba Maapu.
(2) Lake Albert.





*Ssaabasajja Kabaka Mutesa I*



*Ekibuga kya Mutesa ku Lubaga*

omubereberye okuyingira mu nsi eyitibwa kati Uganda Protectorate, yaddayo kufuga nsi eri emitwetwe w'ennyanja Kyoga, era n'okugezaako okufuga Bunyoro. Kyokka obufuzi bwe sibwatuuka bulungi Buganda, era ekyogerwa n'ekikkirizibwa bonna, omweru okujja oluvannyuma mu Buganda okusimbamu amakanda, yafuluma buvanjuba.

Bano, n'abanoonyi b'ensi abalala Abazungu, baasinganga kufa ku kuvumbula nsi nga bw'efaanana. Baalimu kano nti bo n'abantu b'ensi yaabwe, beegombanga okumanya enfaanana y'ebitundu by'ensi ebitatuukwangamu beeru. Naye bye bazzangayo e Bulaaya, byagenda bireetayo mpola mpola okwegomba, na ddala mu bantu baayo. Emmanduso ku bya Buganda yalinnyibwako nga Stanley akyaddemu mu **1875**, n'alaba nga Kabaka Mutesa amukkirizza okuyita abayigiriza b'eddiini bajje mu Buganda. Ebbaluwa yagiweereza Gordon e Khartoum, oyo ye yagiweereza eri abakubi b'amawulire agayitibwa *Daily Telegraph* e Bungereza.

Okuddamu sikwalwa, mu **1877** abasaale b'abayigiriza Abaprotestanti eb'ekibiina Church Missionary Society ne batuuka okutandika omulimu mu Buganda.

Ebbaluwa ya Mutesa yabaguliza ne Ssaabepiskopi (eyafuuka Kardinali) Lavigerie, nga ye Ssaabepiskopi w'Algiers, eyali atandise ekibiina kya White Fathers; n'ekyavaamu, abayigiriza b'eddiini, White Fathers abasaale, ne batuuka Entebbe okutandika ogwabwe mu Buganda.

Mu myaka egyaddirira abayigiriza ab'enjuyi zombi Olukatoliki n'Oluprotestanti, baakolera nnyo Abaganda omulimu ogw'obwagazi, era n'okwefubirira kwabwe okuyingiza Obukristu mu nsi eno, ne kuyiirwa omukisa ogw'obuwanguzi obungi ennyo. Kyali kya kusaalirwa, era mpozzi nga sikyewalika, Abaganda abagoberezi b'enjuyi zombi, okwetemamu ebibiina eky'Abakatoliki n'eky'Abaprotestanti, so nga mu mazima, bibiina ebivunaana eby'obufuzi. Olwokuba ng'abayigiriza b'eddiini Abakatoliki baali Bafransa ate ng'Abaprotestanti Bangereza, ebibiina bino byayitibwanga amannya gano agawubisiza ddala nti kino *Kibiina kya Bafransa* kiri *Kibiina kya Bangereza*. Mu kitabo kino banaayitibwa *Ekibiina eky'Abakatoliki* ne *Ekibiina ky'Abaprotestanti*. Kyokka kirungi okujju-

kira nti abayigiriza b'eddiini okuvuyaana kuno mu by'eddiini n'eby'obufuzi sibaakwagala. Baalabiranga awo enkya n'eggulo nga bazingiraniriddwa mu bivunaana eby'obufuzi nga tibaagadde, so nga bye baagendererenga ddala kwe kubunya Evanjiri ya Yezu Kristu nga bagoberera enzikiriza zaabwe.

Mutesa yakisa omukono mu 1884 n'asikirwa mutabani we Mwanga. Oyo eky'okutya obufuzi bw'Abazungu n'ebiribuvaamu eby'okukendeeza obuyinza bwe, kyamusindika okuwalana n'okugoba abagwira. Naye nno mu Buganda, era nga bwe kiba awalala, '*omusaayi gw'Abajulizi gwafuuka nsigo ya ddiini*,' n'okutemulwa kw'Abakristu abaddugavu n'okwa Bishop Hannington sikwakoma ku kulemwa kuzikiriza Bukristu mu Buganda, wazira kwamalira omwoyo gw'Abangereza ku nsi eno.

## 3

## ENDAGAANO Y'E BERLIN

AMAWANGA Amalaaya gaategeera bulungi nti si kulwa nga gayombera ensi z'omu Africa ze gaaluubiriranga okufuga. Kwe kusala ag'okukuŋŋaana ne gakkiriziganya ebinaagawonya ennyombo ng'ezo. Endagaano eyakolebwa amawanga ago n'essibwako emikono nga February 26, 1885, eyitibwa *Endagaano Nnamutaayiika ey'Olukiko lw'e Berlin*.(1) Bungereza, Budaaki, Austria, Bubirigi, Denmark, Spain, Bufransa, Itale, Holland, Portugal, Russia, Sweden, Norway, ne Buturuuki, gonna gaagissaako emikono okukakasa ebigigendereddwamu ebinnyonnyolwa obulungi mu kitundu ekyanja nti : abakulu b'amawanga ago " Olw'okwetaaga mu mwoyo omulungi ne mu kukkiriziganya, bategeke enkola esinga okuganyula okukula kw'obusuubuzi n'obugunjufu, mu bitundu ebiri awo eby'Africa n'okweyamirira amawanga gonna okuganyulwa okusaabala emirembe ku migga emikulu ebiri egy'Africa egiyiwa ku Guyanja Atlantic ; ate ku ludda olulala nga beetaaga baziyize obutategeeragana n'enkaayana, ebiyinza okuva mu bikolwa eby'okulya ensi ku lubalama lw'Africa gye bujja ; ate mu kiseera kye kimu, nga bali ku mpenda

(1) The General Act of the Conference of Berlin.



ez'okwongera bannansi mu maaso mu by'omwoyo n'eby'omubiri ; bamaliridde nga bwe baasabibwa Gavumenti y'Obwakabaka Obukulu obwa Budaaki, ng'ekkirizaganyizza ne Gavumenti ya Bufransa Enneetwaze, bakube olukiiko e Berlin olw'okubeera ensonga ezo."

Buli limu ku mawanga Amalaaya agaateeka emikono ku Ndagaano eyo, lyakkiriza okumanyisanga gannaalyo gonna nga libaddeko ensi gye liridde ku lubalama lw'Africa, go galyoke gasobole okuteetula bye gavunaanayo. Amawanga ago gonna gakkiriza okuvunaanyizibwa kwago okw'obweyamo bw'okussaawo obufuzi mu nsi ze galide, ne geerayirira " n'okulabirira amawanga ga bannansi gawangaalirewo, n'okussa emmeeme ku kulongoosa embeera y'obulungi bwago obw'omwoyo n'obw'omubiri, n'okuyamba mu kumenyawo obuddu—na ddala obusuubuzi bw'Abaddu."

Okwetaaya kw'emmeeme n'okwesiimira eddiini, byayatulirwa ddala okuweebwa amawanga gonna, era amawanga gonna ga kusuubula nga bwe gaagala mu gutundutundu gw'ensi ogunene ogutwaliramu n'Africa ey'Ebuvanjuba.

Endagaano eyo yagendererwamu era, amawanga gonna ag'Afrika g'efaako, gabeere meerolezi nga wabadde waguddewo olutalo.

Endagaano y'e Berlin eya 1885 yabulako, kuba yeemalira ku lubalama lw'Africa. Akacwano k'enkaayana ku lukalu munda sikaalwa ne kalabika.

Amawanga Amalaaya agaali ennyo ku by'Africa ey'Ebuvanjuba mu kiseera ekyo ye Bungereza ne Budaaki, nga gombi gasimbye amakanda ku lubalama lw'Africa ey'Ebuvanjuba gagenda gagaziya obufuzi bwago okweyongera munda. Olwamala okussa emikono ku Ndagaano y'e Berlin, Gavumenti ya Bungereza n'eyogerako ne Budaaki okussaawo Akakiiko, kakakase ensalo z'amatwale ga Sultan w'e Zanzibar, gaawuke ku ago Abadaaki ge beebalako. Gavumenti y'e Budaaki yakkiriza nga 30 June, 1885, naye endagaano wakati wa Gavumenti ya Bungereza n'eya Budaaki ku nsalo y'amatwale ga Sultan w'e Zanzibar, era n'ensalo y'ebitundu amawanga ago gombi bye gamaamidde mu Africa ey'Ebuvanjuba, yakakasibwa mu November, 1886. Oluwenda olwakkirizaganyizibwa, lwayita ku bukiika obwa kkono obw'ogusozi Kilimanjaro, ne lukoma ku lubalama lw'Ebuvanjuba olw'ennyanja Nnalu-

baale[1] awaggukira olukoloboze olubereberye olw'obukiika obwa ddyo. Ekitundu ekya Bungereza ne kibeera ku bukiika obwa kkono, ekya Budaaki ne kiba ku bwa ddyo, amawanga ago gombi ne geerayirira obutalya nsi, wadde okukkiriza ebitundu eby'okuzibira[2] oba okwekiikawo nga munne yeegaziya mu bufuzi ebusukka w'ensalo eno. Kyaddaaki Sultan w'e Zanzibar n'akkiriza endagaano eno nga 4 December, 1886.

Endagaano eno siyakwata ku Bwakabaka bwa Buganda, kubanga bwo bwali mu bukiika bwa kkono ku ludda lw'ebugwanjuba obw'oluwenda luno we lwakoma, era nga tebuli ku bukiika bwa kkono wadde ku bwa ddyo w'oluwenda lwennyini. Embeera yaabwo ku nkomerero y'omwaka 1886 ng'etegerwa amatu, kubanga amayengo g'obufuzi obugwira nga gabufulumye ku njuyi nga mukaaga ez'enjawulo.

Buturuuki, ng'afuluma mu Misiri gye yafuganga, nga yeesimbye ku bukiika obwa kkono n'omubaka we Omudaaki Dr. Eduard Schnitzer, eyasinga okukalako erya Emin Pasha, eyasikira Gordon ne Baker mu Bwagavana bw'Ettwale ery'oku Lukoloboze olwa Wakati erya Sudan.[3] Emin Pasha nga takyeraliikiriza nnyo kwefuga kwa Buganda, kubanga ab'akajaganya abaagobereranga Makkati[4] baali bamuzingirizza e Wadelai nga bamuzibidde ery'e Khartoum ne Cairo.

Ababirigi baali bafulumye mu bukiika obwa kkono obw'Ebugwanjuba nga basalira mu Congo; Abangereza nga basinzidde ku lubalama olw'Ebuvanjuba, basalira mu nsi eyitibwa Kenya kati, ate ng'abayigiriza b'eddiini abaabwe baasimba dda amakanda mu Buganda; Abadaaki nabo nga basinzidde ku lubalama lw'Ebuvanjuba, basalira mu nsi eyitibwa kati Tanganyika; abasuubuzi Abawarabu baali baatuukamu dda nga baleese abasiraamu; ate abayigiriza b'eddiini Abafransa nabo mu Buganda baali batakawadde.

Mu mbeera efaanana etyo, sikyewuunyisa okulaba nga Mwanga byamusobera n'atabuka. Si kugamba nti yali ayolekeddwa kukolagana na bugunjufu bwa beeru obuleeteddwa eggwanga Eddaaya erimu, so nga nakyo, ye nga

(1) Lake Victoria; (2) Protectorates; (3) Equatorial Province of the Sudan. (4) Ye Mahdi eyeepaatiika okuba nnabbi ow'erinnya eryo, asuubirwa abasiraamu nti alijja. Abaganda ne bamuyitira wamu *Makkati*.



bwe yali, era kyandibaddeko engeri gye kimuzibuwaliramu; naye okukolagana n'amawanga Amalaaya ag'enjawulo agawera ataano amalamba, ko n'eddiini empya essatu ez'enjawulo. Weewaawo yalina entegeka ye, ye y'okubeera nnannyini matwale ge omwetwaze atagambwako nga kitaawe Mutesa ne bajjajja be abaamukulembera. Mpaawo kinene kya nnyo kyewuunyisa ye okulemwa okutuukiriza entegeka eyo, n'abantu be okwetemamu, n'afiirwa obuyinza bwe, eddembe lye ery'okwefuga, ate mu nkomerero n'afiirwa n'okwetaaya kwe mwene.

Sikyetaagibwa kunnyonnyola nnyo mayisa ga Kabaka Mwanga. We yaliira obwakabaka nga yeekubira ku Basiraamu, kyokka ye nga mukaafiiri. Okwemanya bw'ali Kabaka, yadda mu ttemu kuyigganya Bakristu ntakera. Mu 1885 n'alagira okutta Bishop Hannington n'abawerekeze be amakumi ataano mu Busoga. Mu kino asaasirwamu, kubanga yalina kw'asinziira okuteebereza nti aliiriddwamu lukwe, bamuzinda buzinzi. Awo nga ku nkomerero y'omwaka ogwo, kwe kuva ku Basiraamu, obwesige n'abuzza ku by'abakaafiiri eby'edda, n'akolagana n'abo okutta Abakristu n'Abasiraamu wamu enkya n'eggulo obutaddirira.

Mu September, 1888, n'agezaako okusaanyizaawo ddala Abakatoliki, Abasiraamu n'Abaprotestanti abaali basigaddewo mu Uganda. Kino ne kireetera ebibiina byonna okussa ekimu okugobako Mwanga, obwakabaka ne babussaako muganda we Kiweewa. Ekyaddirira Abakristu n'Abasiraamu kwe kutabuka, abakulembeze b'Abakristu ne battibwa, Kiweewa obwakabaka n'abumaamulwako ne buweebwa muganda we Kalema.

Mwanga gye yawambajjira gye yeeyitira Omukatoliki, ebibiina byombi Ebikristu kwe kwegatta mu 1889, ne bigobamu Abasiraamu ne bizza Mwanga ku ŋŋoma olw'okubiri.

Mu 1890 Abasiraamu ne balireeta buto nga bafuluma ku bukiika bwa kkono Mwanga n'adduka, yakomawo ng'amaze kukakasa nti Abakristu banaatala masajja.

Okuyita mu bimpimpi ebyafaayo by'emyaka etaano egyasooka nga Mwanga alidde, bwe byali bityo. Newakubadde bangi, erinnya *Kabaka* baali bakyalitya n'okuligulumiza, abasinga obungi baali bakooye n'enkola ya Mwanga ekyukakyuka, n'amayisa ge agatali ga buntubulamu

n'entalo ezitataddе ezaava omwo. Awo ensi nga w'ekkiririza Gavumenti eteredde ennywevu gy'eneefunirako akalembereza okubeera emirembe, newakubadde ng'okugifuna kuba kwewaayo kwereetereza kuyingirirwa bagwira.

## 4

## DR. KARL PETERS

AMAWANGA g'e Bulaaya we gaali gatannateesezaganyiza ggwanga mu go erinaabeera n'eddembe okufuga Buganda, Omudaaki Dr. Karl Peters we yatuukira mu Buganda nga ye mukulu w'ekibiina ekitume eky'abalamazi, n'akola endagaano ne Mwanga. Oluvannyuma, endagaano eyo Gavumenti y'e Budaaki yagyemansula, kubanga siyatabagana na Ndagaano ya Bangereza na Badaaki eya 1890 eyassibwako emikono nga Peters tannaddayo Bulaaya. Olugendo lwa Peters luno lwaleeta embojjanyi nnene mu kiseera ekyo. Ku ludda olumu yavunaanibwa okusaatuukira mu kitundu Bungereza gy'atalaagidde mu bufuzi, n'okusoma ebbaluwa ezitaali zize n'azifunamu amagezi agazirimu ; ate ku ludda olulala ye n'avunaana omubaka wa Kampani[1] Jackson, eyali mu Kavirondo mu kakyo ako, okulemwa okudduukirira Mwanga n'abayigiriza b'eddiini ng'akisabiddwa.

Ebbanga ebbaluwa lye zaamalanga mu kkubo mu Africa ey'Ebuvanjuba, era n'obuwandiike obwanjula ensonga lye bwamalanga okuweerezebwa e Bulaaya n'okuddibwamu, byazibuwaza okutegeera amazima ku nsonga ng'ezo mu kiseera ekyo. Nga sinnannyonnyola mulimu gwa Jackson na gwa Bakampani, nsaanye okujjukiza ebikulu ku bulamazi bwa Peters, kuba bwe bwatuusa Kabaka Mwanga ku ndagaano emberebery e gye yakolagana n'omubaka w'eggwanga Eddaaya.

Emin Pasha yali amaze emyaka ng'asigadde mu malye mu Ttwale eriyitibwa *Equatorial Province erya Sudan*, ng'abajeemu ba Makkati bamuzibidde ekkubo ku kkono. Ate newakubadde ye siyakimanya olw'obutakyafunanga bbaluwa, ne Gavumenti ya Misiri yali emwabuliridde ddala mu butongole.

(1) The Imperial British East Africa Company.



Embeera Emin gye yalimu, bwe kyategeerwa nti alinga yayabulirwa, yaleeta obusaasizi bungi mu Bulaaya. Awo ku ntandikwa ya 1887 omunoonyi w'ensi Stanley bwe yamala okukuŋŋaanya mu Bungereza ensimbi ezeetaagibwa, kwe kusitula mu Bulaaya agende amunoonye. Olugendo lwa Stanley sirwakola nnyo ku Buganda, anti yasinziira ku lubalama lw'Ebugwanjuba n'asalira mu Congo okutuuka mu kitundu ekiyitibwa kati Western Province ekya Uganda, era lye kkubo lye yakwata amaddayo.

Emin nga bwe yali Omudaaki, ekirowoozo ky'ababaka ab'okumudduukirira kyasanyukirwa nnyo mu nsi y'e Budaaki. Ekirowoozo ky'abalamazi Abadaaki ku bya Emin, kyasooka kuteesebwako mu 1886 mu Budaaki, ekiseera bwe kyayitawo nga Stanley takyawulizibwa, abantu b'omu Budaaki ne beeyongera mpola okweraliikirira. Nga 17, September, 1888, akakiiko akaakulirwa Dr. Karl Peters kwe kukubira abantu ba Budaaki omulanga guno nti :

" Okujeema kwa Makkati mu Sudan kuzikirizza ekitebe ekiberebery e eky'obugunjufu obw'Ekizungu Kiyira gy'ava, ensi eŋŋunjufu etidde okulaba ng'eby'entiisa ebiva mu busuubuzi bw'abaddu obutaliiko akuba ku mukono bigenda byeyongera mu maaso.

" Ebyanjulwa mu report nti Mudaaki—munnaffe, Dr. Eduard Schnitzer, Emin Pasha, yasobola okunyweza amatwale agaamukwasibwa Gavumenti y'e Misiri, agayitibwa Equatorial Provinces ku Bukiika obwa Dddyo mu Sudan okuziyiza Makkati, era nti kati ali eyo ne baserikale be alwanirira ekigo ekisigaddewo eky'obugunjufu obw'Ekizungu, byaleeta mu Bulaaya essuubi nti amatwale ga Emin Pasha galifuuka awasinziirwa okugunjula Africa eya Wakati. Stanley bwe yatumibwa Abangereza, okuzzaawo enkolagana ne Emin Pasha yagenda yeesibiridde bulungi ; eky'okusaalirwa obubaka bwe butuuse okugambwa nti sibwatuukirira.

" Kyokka Emin Pasha ye yeetaaga nnyo okuyambibwa ; ebbaluwa ze zigamba nti amasasi n'ebyetaagibwa bigenda bimuggwaako. Omwana waaboffe oyo omuzira eyasigala nga talina bujunyi anaayabulirwa okufa obumbula, n'ettwale lye eryo eribadde ligunjuzibwa endasi z'Ekidaaki liddeyo nate okuliibwa obubuyabuya ? Abaagezaako okutuuka ku Emin nga bafuluma e Congo, baalemwa ; naye okusalira mu Africa ey'Ebuvanjuba waliyo ekkubo eddungi ennyo ate eritalina kabi, erigguka mu kitundu eky'engulu Kiyira gy'ava (Upper Nile) ; ate waliyo n'amatwale g'Abadaaki, abadduukirize ba Emin Pasha gye bayinza okusinziira obulungi n'okufuna obuyambi. Eggwanga lya Budaaki likubirwa omulanga okusuula Dr. Schnitzer omukono. Naye obuyambi obwo obutasanga nga lwayaba dda, busaana buweebwe mangu awatali kulonzalonza. N'olwekyo nno

akakiiko Akadaaki akali ku bya Emin Pasha kawanjagira eggwanga lino liwagire masajja. Buli muntu abeeko ky'awaayo okutuukiriza omulimu ogutagendererwamu kuwagira kifo kyaffe mitala wa nnyanja kyokka, (wazira) n'okutuukiriza omulimu ogw'ekitiibwa oguwaniriddwa Omudaaki omusambi w'oluwenda omuzira.

"Ensimbi ezaagenze olw'Omudaaki oyo omusambi w'oluwenda omuzira nnyingi. Ensimbi ezizze eri Akakiiko ak'abatadde kuno emikono nazo nnyingi; naye abadduukirize okusitulirawo amangu, ebigambo bisaana okwetabwamu abantu bonna na buli muntu yenna mu bitundu ebyesudde wonna awatali kulonzalonza. Tusaba ensimbi ezisondebwa zisasulwe eri Omuwanika waffe, Carl Von der Heydt, mu Elberfeld mu bifo by'anaalonda; n'eri German East Africa Company, e Berlin, W., Krausenstrasse, 76; oba eri German East African Plantation Company, e Berlin, W., Kaiserin-Augusta-Strasse, 71; oba eri Herren von der Heydt-Kersten und Sohne, e Elberfeld."

(*Wano we bassa emikono gyabwe*)

Ebigambo ebiri mu mulanga ogwo biraga bulungi nti okutaasa Emin Pasha si kye kyagendererwa abalamazi abo kyokka. Nga Peters yennyini bwe yakyatula nti, "*mu nteekateeka yonna, ebyekuusa ku matwale ag'okufuga n'okubudamamu byajjanga luvannyuma,*" naye era kasita byaliwo. Peters bwe yalekerera olugendo lwe n'alaga e Buganda, mu mazima yali atuukiriza ekikulu abalamazi abo kye baagenderera.

Eno Stanley ne be yalamaga nabo baali baasa ensozi n'emitendera mu Africa, ng'Abadaaki ab'okudduukirira Emin Pasha bali mu kwekunya; kyaddaaki kwe kwennyula, Peters n'asitula e Berlin alage e Zanzibar nga 25 February, 1889. Bwe yava e Zanzibar n'ayita mu Witu, n'agoba omugga Tana n'atuuka mu nsi y'Abagalla, wuuyo mu Kikuyu, n'asalira mu nsi y'Abamasai, ne ku kalengeru ne ku lubutamo lw'e Leikipia, n'atuuka mu mugiini gw'Abangereza e Kwa Sundu nga 1 February, 1890. Olwo wonna, ne mu b'alamaga nabo, nga Peters atendwa okuba "omukaali nnaluwali," ate enteekateeka ye eyinza okutegeerwa mu ndagaanolagaano ze yajjanga akolaakola n'abaami mu kkubo ng'agamba mbu nga ky'agenderera kwe kwefunira abazibizi mw'ayita alyoke yeeyongereyo eri Emin Pasha. Endagaano ye gye yakola ne Sultani Sakwa ow'e Kavirondo kw'oba olabira:

"Sultani Sakwa ow'e Kavirondo asaba Dr. Karl Peters ebendera ye. Ayatula, nga taliiko ky'alekayo, nga Dr. Peters ye mukama we.

"Dr. Karl Peters asuubiza okuzibiranga Sultani Sakwa nga



bw'asobola, n'okumuyamba okuwangula Kavirondo yonna, kasita binaatuukananga n'enteekateeka ya Peters endala.

"Sultan Sakwa olwa leero asimbye ebendera y'Abadaaki mu kibuga kye ekikulu n'ekitiibwa. Enjuyi zombi endagaano eno zigifundikizza emikono gy'abajulizi."

Naye nno okukola endagaano ng'eno kwali kumenya Ndagaano ya Bangereza na Badaaki eya 1886, mbeera ekitundu kya Kavirondo kinene ekyali ku ludda Abangereza gye baali batalaagidde.

E Kwa Sundu, Peters gye yasumululira ebbaluwa ezaali awo nga zirindiridde okuweerezebwa n'azisoma.

Oluvannyuma, kino kye yakola, sikyalema kubaako vvumagana jjitirivu mu Bangereza olwokubanga, mu mazima, yali mu mugiini gwa Bangereza, era mu nsi eyagerekerwa Abangereza mu kiseera ekyo mu ndagaano y'amawanga, ate nga n'ebbaluwa sizaali zize. Peters yeewolereza mu nvunaano eno ng'agamba nti "ebbaluwa ezo zaamukwasibwa omusigire w'Omukuuma-mugiini gw'Abangereza ogwo, ng'amugamba nti amanyi baganda ba Peters nti era mukama we abeerawo yandisanyuse okumumanyisa bino n'ebirala era n'amukkiririza ddala n'okuwanduukululamu endala." Ate Peters ebyo yabisaabulula olw'okwongerako bino nti, nga bwe yali nga ye avunaanyizibwa abaali naye, gwali mulimu gwe awatali kuwannaanya okusala gonna okutegeera byonna ebifa ku nsi ze balagamu. Kirabika butereevu nti Peters olwalaba akakisa kano ak'okufuna by'amanya, yabama bubami n'atafaayo nnyo mu kiseera ekyo, ku ngeri gy'ayitamu okukituukako.

Mu bbaluwa ze yasumulula n'asoma, mwe mwali emu omuminsani Mackay gye yawandiikira Emin Pasha nga 25 Augusto, 1889, ng'asaba obuyambi okutereeza Buganda. Ebbaluwa eyo erimu ebinyuma bingi ku mbeera Buganda gye yalimu mu kiseera ekyo, ng'ebitundu bino wansi ebigisimbuddwamu bwe byoleka:

"Mwanga, mutabani wa Mutesa Kakaka wa Uganda era omusika we, yafuuka mpolampola omukambwe nnamige mu mwaka 1887, okutuusa mu September oba October, 1888, ng'amaze okugezaako okutta abagalagala be, ng'abasinga obungi mu bo Bakristu oba Basiraamu, abagalagala bano lwe baamujeemera ne bamugoba ku bwakabaka. Kabaka omunaanule kwe kuddukira mu lyato n'alaga mu bukiika obwa ddyo obw'ennyanja Nnalubaale.

"Muganda wa Mwanga ayitibwa Kiweewa kwe kuweebwa obwakabaka bwe, n'atuukira ku kulangirira okuwa eddiini zonna

eddembe. Naye waayita mbale ne yeefuukira Abakristu. Bwe yamala okubattamu b'asse, n'abagoba bonna ne baddukira e Buragalla (Usagara) eyitibwa Ancore, Kabaka waayo Antari n'abaaniriza ng'abasenze. Ba munaganwa ku bo abaddukira mu maato ne balaga emitala w'ennyanja Nnalubaale, abamu ne babeera bagenyi ba basaserdoti *b'Ekiroma* e Ukumbi, n'abalala ab'Abangereza e Usumbiro. Bwana Gordon ne Bwana Walker, wamu n'abaminsani b'eddiini *y'Ekiroma* mu Uganda, baamala ewiiki nnamba nga basibe, n'ebigo byabwe byombi byanyagibwa ne bizikirizibwa, awo nno abaminsani bonna ne bakkirizibwa okuva mu Buganda mu lyato lyabwe. Abawarabu be baali bakanaaluzaala ddala, era abakulu b'okuzikiriza ebifo by'abaminsani; naye nabo egganzi mu maaso ga Kiweewa baalegako ddege. Bwe yabaggukamu nti emitima bagimalidde ku kumutayirira, awo lwali lumu n'alagira bakulu baabwe Abasiraamu ab'olulango bakwatirwe mu Lukiiko, ye mu mukono gwe n'attirawo basatu ku bakulembeze baabwe. Kyokka, olw'ensonga etemanyiddwa, abalala baateebwa mangu ago, ate Kiweewa ni ye aba adduka okuwonya obulamu bwe.

" Awo nno ate muganda waabwe omulala Karema (oba Kalema) n'aweebwa obwakabaka, n'eggye lye ne lisobola okuzikiriza erya Kiweewa lye yali akuŋŋaanyizza. Kiweewa kwe kugwa mu ngalo za Kalema n'atuggibwa ku migwa n'attibwa. Mwanga yasooka n'addukira mu Bawarabu b'e Nuya, naye oluvannyuma yabaviira ng'empisa embi gye bamuyisaamu emutamye, n'addukira mu Bafransa e Ukumbi, n'abeera eyo okutuusa mu April, 1888. Mu kiseera ekyo Bwana Stokes, eyajjira mu balamazi Abangereza olubereberye, eyali afuuse omusuubuzi kati, kwe kutuuka n'eryato erirye ku bubwe ng'ava e Mombasa. Mwanga kwe kumwesibako amuzzeeyo mu Uganda agezeeko okweddiza obwakabaka bwe obwamufa. Eryato lyagoba kumpi ne Kagera w'ayiyira, Mwanga we yasitulira ery'abayeekera n'afuna mangu eggye ddene na ddala mu b'oluganda Abakristu abaali baddukidde a Busagala oba Ankora. Karema kwe kusitula eggye eddene okwambalagana ne Mwanga eggye lye n'alimenya.

" Mwanga ye kwe kuddukira mu bizinga by'e Ssese, Abasese ne bamukkiriza (nga ye Kabaka). Tiyalwa ate n'awezaawo eggye wamu n'empingu yonna ey'amaato ey'ensi eno (Buganda). Awo n'asitula n'amaanyi ago okulaga mu kyondo ky'ennyanja y'e Munyonyo,(1) n'agoba ku kazinga akoolekedde Munyonyo, akaabangako olubiri lwa kabaka edda, akaayitibwanga Mulingogwe.

" Karema kwe kusindika eggye ligende liziyize Mwanga okugoba ettale, ne litwalibwa Omuwarabu ayitibwa Hamis Belul; naye eggye eryo lyadda mangu emabega, eggye lya Mwanga ne ligoba ne lyokya Munyonyo. Era waaliwo olutalo mu Kyagore (Kyaggwe) eggye lya Karema ne ligobebwa."

Ebyo nno bye bya Mackay mu mukono gwe gwennyini. Ayongerako na bino nti Bwana Stokes yaddayo e Bukumbi,

(1) Kye Kyondo ekyo ekijja e Luzira ekirabika ku maapu nga bakiyita *Murchison Bay.*



nti ate kati, kwe kugamba nti mu Augusto, 1889, asuubira okudda n'emmundu n'amasasi okudduukirira Mwanga. Mwanga yali atumidde Abafransa n'Abangereza bajje batuule mu Bizinga by'e Ssese. Abafransa abamu baali bamaze okusitula, Bwana Gordon ne Bwana Walker bo baali basitula mu bwato enkeera balage e Ssese.

Mackay ayongerako ebirowoozo bino nti : " Weewaawo abaminsani sibasobola kuyamba Mwanga mu lutalo luno, naye bwe babaawo, kiyinza okumuwa ekitiibwa n'okuleeta obuzira mu ggye lya Mwanga eririmu, kyenkana, abagoberezi baabwe abeereere. Abaprotestanti n'Abakatoliki awamu bawera nga lukumi mu bitaano, naye beebala kuwera nkumi bbiri. Ndowooza balina emmundu lukumi naye obuganga butono nnyo. Bano nga bali awo, Mwanga awezaawo enkumi nga ziizo ez'abakaafiiri abamunywereddeko ab'amafumu n'engabo, ate ye Karema emmundu z'alina zisukka enkumi ebbiri, n'Abawarabu bonna n'abaddu baabwe bamuwagira. Naye Karema ndowooza tayagala Kisiraamu era n'abakisoma abeeyambisa bweyambisa nga sseggwagi w'amagye ge. Jjuuzi yatta abalangira n'abambejja bonna be yatuusaako engalo, ng'atya nti bandivaamu omu n'akikinala okumumaamula ku bwakabaka.

" Kino sikimwongedde kwagalwa, era mpulira nti waliwo abajeemu bangiko mu bagoberezi be abakulu ; kyokka batya okudda eri Muanga, kuba yakyawa bulala Omusiraamu. Nze Muanga mmubuulirira kugira nga yeesirikidde afuge Ebizinga by'e Ssese, yeeyambise enkuyanja y'amaato gy'alina (anti Karema talinaawo na limu) azibe olubalama lw'ennyanja olwa Uganda (mu Luganda bagiyita Buganda), alyoke aziyize Abawarabu okufuna obudduukirize. Mu ngeri eyo anaagenda ayaza mpolampola abamwekubirako bangi. Sinakindi, abaali abaami be abaanyiizibwa Karema, bangi bamaze okumwegattako, kyokka nga balina abagoberezi batono.

" Bwana Stokes we yaviira mu Uganda ng'amawulire gazze agagamba nti waliwo abazungu abatonotono abatuuse mu muliraano gw'ensi ya Wachore. Twasuubira nti abo be basaale b'abaduukirize abajja e Wadelai bakuleetere (ggwe Emin) ebyetaagibwa n'eby'okulwanyisa, Muanga n'abatumira bamuyambe yeegatte nabo, naye situddangayo kubawuliza.

" Kano ke kaseera okumalamu n'ag'omu buto okuta-

kabana okwetongola Uganda. Kubanga bo (Jackson ne banne) bwe banaayamba Muanga okumenyawo Karema n'Abawarabu be, ne bakomyawo ye Muanga ku Nnamulondo, ensi banaaba ng'abamaze okugikwata, nga bafunye n'olutindo olutuuka ku miriraano egy'ebugwanjuba egy'ennyanja Nnalubaale. Kyokka nneeraliikiriramu, kuba ababalibwa ng'abaserikale ba Kampani bapakasi Bazanzibari, abatayinza kwesigibwa nnyo.

" Ggwe (Emin Pasha), ggwe olina eggye. Bwe kuvaako olunnyiriri olumu oba bbiri ku baserikale bo, nga n'abagabe baazo batuufu, lwe kisoboka okumenyawo eggye lya Karema ery'ab'akajaganya, n'okuddiza Muanga obufuzi, si nga kabaka eyeetwala nga bwe yali, wazira ng'omwami akolera Kampani. Okugoba kwe baamugobamu ne zimuwambazza zityo kulinga kwamulabula, era nninamu essuubi nti bw'azzibwa ku bufuzi ayinza okufugisa amagezi okusinga luli. Kyokka, nga bwe ndowooza, kyetaagirwa ddala obutamulekera kwesunga buyambi mu makubo gy'ayinza okubufuna ku bubwe, wazira obwakabaka bwe asigalire kubuwaniririra ku bagwira ; kwe kugamba nti ku ggwe na ku Kampani. Awo nno lwe kinaakakasibwa nti gye bujja anaayisa bulungi.

" Nsabye Babwana Walker ne Gordon bakuwandiikire nga waakatuuka e Ssese, bakunnyonnyole bulungi embeera ya byonna nga bwe baabiraba. Okusaba kwantuusibwako Balozi—Omukulu ali e Zanzibar, era n'ababaka ba Kampani (Messrs. Smith, Mackenzie & Co. ne Mr. Mackinnon yennyini) okukolerera obulungi bwa Kampani nga bwe nsobola. Nga bwe ndaba, sirabayo ggezi ddala lya kutuukiriza kino okusinga okukumanyisa ggwe n'abaami abakulembera ennamba (gye ŋŋambye), ebigambo nga bwe biri ddala kati mu Uganda, nga bwe nkakasa nti kaakano waliwo omukisa ogutatera kulabika, kabekasinge ogutaliddayo kulabika nga tukyali ku nsi, ogw'okufuna mu Uganda, si katale kokka, naye n'okufuna obufuzi ku nsi eno yonna. Okulaba nti baganda bange n'abaminsani Abafransa beetegese okulaga ku Muanga, nkakasa nti kinaakubeerera endagaano enkakafu nti oludda olwo lwe luteekwa okusiimwako. Karema wa kajaganya, era ebbanga ly'alimala ku bufuzi anaabeeranga mulabe w'abo bonna abalinga ffe ne Kampani, abatadde emitima ku bulungi bw'ensi ez'oku nnyanja."



Oluvannyuma Peters yasensula Mackay olw'okwetabika mu by'obufuzi, naye kirabika nti Mackay tiyalina kweyagalira oba buteeyagalira kuyingizibwa mu bya bufuzi, era tasaanye kunenyezebwa olw'okuwagira okusaba kwa Muanga afune obuyambi ne gavumenti entebenkevu.

Mu bbaluwa endala Peters mwe yategeerera nti Mwanga, ng'ayambibwa omusuubuzi Stokes (ono nno oluvannyuma yasalirwa ogw'okufa n'attibwa Ababirigi e Congo nga bamuvunaanye ogw'okusuubula emmundu n'amasasi) yagoba eggye lya Kalema nga 4 October, 1889, eŋŋoma n'agiddako.

Ekirala yategeera nga Mwanga yali atumye ababaka babiri eri ennamba ya Jackson e Kavirondo ng'asaba obuyambi, era ng'agamba nti akasiimo, yeetegese okuwa Kampani okwefuga obusuubuzi mu Uganda n'ensi ze endala, n'okwessa mu bukuumi bw'Abangereza. Ebbaluwa omwali bino yaliko omukono gwa Mwanga yennyini, egy'abaminsani Abangereza n'ogwa Father Lourdel (Mapeera). Peters yategeera ng'okwetema kuno Jackson yakugaana n'agenda kweyiggira njovu emmanga eyo ; era yategeera nti ku nkomerero ya November eggye lya Mwanga ate lyagobwa, Abakristu ne baddukira buto ku bizinga by'ennyanja Nnalubaale, gye baasinziira okwaziirana okusinga edda, ennamba y'Abangereza ebayambe. Ebbaluwa eyo Father Lourdel gye yawandiikira Jackson mu Lufransa ng'asinziira e Bulinguge nga 1.12.89 ekyusibwa eti :

" Ssebo ow'omukwano,—Twalumwa nnyo okuwulira nti siwasobola kujja, na ddala mu kiseera kino, kudduukirira Mwanga na Bakristu b'e Buganda nga bwe twasuubira nti bw'onookola.

" Kabaka Mwanga bwe yali tannamanya nti eggye lye ligobeddwa, yandagira okukuwandiikira mu linnya lye mu Kiswahili, ebbaluwa gye nnakuweereza. Yamala okuwalirizibwa okudduukira ku kazinga k'e Bulinguge, akuwanjagira okusinga edda omudduukirire mangu. Okukusiima, ku by'okwemala obusuubuzi mu Buganda, akuteerako ekirabo kya pasila kikumi ez'amasanga (ze latiri 3,500), z'alikuwa ng'azziddwa ku bwakabaka. Yeetemye era okuliisa abantu bo, era akkiriza ebendera yo. Ate ku lulwo, ffe abaminsani Abakatoliki tulisanyukira nnyo era tulisiima nnyo obukuumi bwe nsuubira bw'olisobola okuwa abaminsani n'Abakristu mu nsi eno ng'owangudde okugobamu Abasiraamu. Nkwatirwa ekisa ondabire nnyo abazira banno bwe mulamaga. Nsaba Katonda omulimu gwammwe ayongere okuguwa omukisa n'okugwagala.

" Ssebo ow'omukwano ennyo, kkiriza kye njatula ekindi mu



*Rev. Father Simeon Lourdel (Mapeera)*

mutima nti nkussaamu nnyo ekitiibwa n'okukulowoozaako ennyo nga ndi muweereza wo ow'eggonjebwa ennyo.

"Simeon Lourdel,
Omukatoliki Omubereberye mu Buganda."

Peters bwe yamala okumanya bino ng'amalirira kukwata ly'e Buganda. E Kwa Sundu yasitulawo nga 4 February, 1890, n'Abasomali be be yayingiriza mu Aden n'ab'ennamba ye abalala. Mu Busoga yalaba nga bannansi sibaagala Baganda naye ng'okubatya kwe babatyamu sikuganya kuguguba kubawa musolo ogubasabibwa buli mwaka. Eyo gye yasanga ne Kamanyiro Kawuta alina oluganda ku Mutesa n'obuzadde ku Mwanga, eyali afumbiikiriziddwa emitala wa Kiyira ng'Abakristu bawanguddwa Abasiraamu. Kamanyiro yali asuubira nti ennamba y'Abangereza ye ejja, era kyamubuukako okulaba nga Peters ye atuuse ; kyokka n'asangwa nga mwetegefu nnyo obutamuviirako awo.

Mu Busoga, Peters yasangirizaamu bamatalisi abatwalira ennamba ya Jackson ebbaluwa, bwe yalabamu evudde ewa Stanley, n'agisumulula n'agisoma, n'alabamu nti ku lunaku lwe yawandiikirwako, olwe 4 September, 1889, Emin Pasha yali amaze okutuuka n'eri Stanley ku ddyo w'ennyanja Nnalubaale, nga n'ettwale Equatorial Province liggiddwamu enta.

Omulimu omukulu ogw'aleeta Ennamba Endaaki gwe yeekwasanga ogw'okudduukirira Emin Pasha, abalala guugwo bagumaze, mu ekyo nno nga Peters ateganidde busa. Yandifunyeemu n'adda e Kavirondo, bw'atyo n'e Mombasa, naye yadda mu kwekwasa nti Buganda eyinza okufuulibwa ekigo eky'amaanyi eky'okulwanyisizaamu Abamakkati abaali ku bukiika bwa kkono era kabekasinge n'efuuka aw'okusinziirwa okweddiza ebyanyagwa byonna. Mu bibye by'ategeeza ku by'akakyo ako yassaamu nti :

> "Mu kiseera kye kimu nninga nnasuubirirawo okufuna akakisa ak'okukola ku kugaziyiza mu Uganda ebiruubirirwa Budaaki ebyayo ku bwayo. Oluvannyuma nnamanya nti Uganda yalekerwa Bungereza nga ffe situnnasitula na kusitula (Budaaki), naye ffe n'olugambo obugambo ku kyo sitwaluwulirako."

Peters nno tiyatuusa okugamba nti Uganda yalekerwa Bungereza nga ye n'okusitula tannasitula : kuba e Mombasa baavaayo mu makkati ga 1889, ate Endagaano y'Abangereza n'Abadaaki eyabalira Buganda mu kitundu

Bungereza kye yeekutte, emikono gyagiteekwako nga 1 July, 1890.

Peters, Kiyira yamuwungukira kumpi n'ebiyiriro awali olutindo (Ripon Falls) ng'amaze okufuna ebbaluwa ezimuyita okudduukirira Abakristu, Mika Ssematimba eyatumibwa Mwanga, n'amukulembera ekkubo, n'atuuka e Mmengo gye yasanga Mwanga nga 25th February, 1890. Era e Mmengo gye yasanga Father Lourdel eyali awunguse okuva e Bulinguge ekiro ekyo, wamu n'abaminsani Abaprotestanti Gordon ne Walker.

Nga 27 February, Peters n'ayogeramu akafubo ne Mwanga nga Father Lourdel avvuunula. Peters agamba nti mu kafubo ako Mwanga mwe yayatulira bino nti:

"Doctor (Peters) bw'akkiriza okutuusa bye nnaamutuma e Bulaaya, nange nzikiriza okumukolera endagaano mwe nneggirako obuyinza obuba ne Ssaabasajja obw'abantu b'omu Uganda okutaayaaya, n'okusuubula n'okuzimba amayumba ng'amaze kubakkiriza, ne mbuwa Abadaaki n'Abazungu abalala. Era nneetegese obutaguza balala masanga gange wabula Abadaaki, kavuna nabo banaaba ab'okumpangamu emmundu n'obuganga. Siri wa kufugwa Muzungu yenna. Bonna ebibakkirizibwa mu nsi yange binaabanga bimu, naye nsiima omukwano ngukakase ku kabaka omukulu ow'Abadaaki yekka. Doctor bw'anaakola endagaano erimu ebyo nnaagiteekako omukono n'abaami bange bonna ne ngibateesaako emikono."

Peters kwe kugoberera ebyo n'akola endagaano egamba nti:

"Endagaano eno ey'ekituuza ekoleddwa wakati wa Kabaka Muanga, Kabaka w'e Buganda, ne Dr. Karl Peters ne bakkiriziganya nti:

"Kabaka Muanga akkirizza ebyalagaanibwa mu Ndagaano y'e Berlin (Eya Congo) eya February, 1885 ebyekuusa ku Buganda n'amatwale gaayo. Ensi ezo zonna akkiriza abantu ba Ssaabasajja Lukulwe Omudaaki era n'Abazungu abalala baziriiremu butaala.

"Abantu ba Ssaabasajja Lukulwe Omudaaki n'Abazungu abalala abaliba baagadde abaweeredde ddala eddembe ery'okusuubula, n'eddembe ery'okutaayaaya n'okusenga mu Buganda n'amatwale gaakwo.

"Kabaka Muanga akwanye Ssaabasajja Lukulwe Omudaaki, n'afunira abantu be olukusa okusuubula era n'eddembe ery'okutambula awatali kuwoozebwa era n'okusenga mu matwale ga Ssaabasajja Lukulwe Omudaaki gonna.

"Dr. Karl Peters yeetemye okwanjulira Gavumenti y'Abadaaki endagaano eno ekakasibwe.

"Endagaano eno ekoleddwa mu Luganda, Luswahili n'Olufransa. Bwe walibaawo amakulu agakaayanwako, eby'Olufransa bye binaagobererwanga."



Nga March 1, Peters kwe kuddayo ne Father Lourdel eri Mwanga ne bamusanga ne Cyprian Kawuta, gw'ayita omukungu ow'omu lubiri, ne Katikkiro n'abakulu abalala batonotono; n'annyonnyola endagaano ng'ayongeramu na kino nti: "Amawanga Amalaaya mu Ndagaano eyakolerwa e Berlin mu 1885, galina ebikulu bye gakkirizaganya mu mateeka agakwata ku Afrika. Njagala Abaganda babikkirize. . . ." Peters alinga tiyannyonnyola Mwanga nti okwekkiririza ku lulwe Endagaano ya 1885 kwe kwaniriza obufuzi bw'Abazungu mu Buganda; aba kumunnyonnyola, mpozzi Mwanga tiyandyanguyidde bw'atyo kussa mukono ku ndagaano eyo ye wamu ne Cyprian Kawuta. Katikkiro yekka ye yabibuusabuusaamu, n'agamba nti ayagala kusooka kubyogeranyaamu n'abaminsani Gordon ne Walker.

Gordon ne Walker kwe kugamba Peters nti bo bateekwa okubuuza obuyinza Mwanga gye yabuggye obw'okuteesaganya n'eggwanga eddala nga yamala dda okwewaayo okuzibirwanga Bungereza.

Peters naye, bino abaminsani Abangereza bye baayogera kwe kubifuula taba mu Lukiiko wakati nga 3 March, ng'agenderedde n'agamba nti: "Nnabadde ndi awo ng'Abangereza bano abantudde ku lusegere zibaleese, nga baŋŋamba nti Mwanga n'Abaganda tibakyalina buyinza kukola ndagaano ndala ng'eno; bagamba nti *Abaganda bafuuse* baddu ba Bangereza." Kino sikyalema kusunguwaliza nnyo kibiina kya Bangereza, awo olw'okwewonya olutalo, Katikkiro n'abaami Abaprotestanti nabo kwe kussa emikono ku ndagaano eyo.

Peters agamba nti ebigambo Mwanga bye yayogera mu Lukiiko nga 3 March byali bwe biti:

"Mwenna mumanyi nti bwe twali ku kizinga ky'ennyanja Nnalubaale, twatuma ababaka eri Stanley n'eri Bwana Jackson okubagamba nti 'Mujje mutuyambe tunakkiriza ebendera y'Abagereza, n'Abangereza ne tubawa okwemala obusuubuzi mu Uganda.' Omungereza yekka ye yali ow'okukkirizibwa okusuubula mu Uganda. Munzize ku nnamulondo ya Mutesa nnaatuukiriza bye mpandiise. Ekyavaamu ki? Stanley eyava e Bunyoro ne Amdallemin, yagaana okuwulira omulanga gwa Bakristu banne, Uganda n'agiyitako kkuutwe. Bwana Jackson eyali asiisiridde ebbanga eddene n'enkumu y'abaserikale mu Kavirondo, tiyakoma ku butajja yennyini kutudduukirira, naye yassaako n'obutatuweerezaayo ssasi na limu wadde olubatu lw'obuganga okutuyamba; mbu nnyini olwokuba nga Jackson yampeereza ebendera ye mu ttu, kaakati Abangereza we

bagambira nti nteekwa okwebalira mu mikono gy'Abangereza. Abaatudduukirira ye Doctor n'Abadaaki bokka. Bwe mbaako gwe nkwasa ensi yange okugizibira, siva ku Kabaka Lukulwe ow'Abadaaki. Kyokka nzija kuba nga Mutesa, siitwalwe muntu n'omu. Bonna banaayanirizibwanga bumu mu Uganda. Abadaaki bwe baagala okujja, bajje; Abafransa bwe baagala okujja, bajje; Abangereza bwe baagala okujja (kino muyinza n'okukiwandiikira Jackson) nga beetaaga bafune ebbeetu lye limu ng'ery'Abadaaki, nga nabo twaniriza. Naye oba baagala kulya nsi yange, nzija kubatabaala, kubanga ffe Abaganda tuli ba kubeera beetwala, era ndi wa kubeera nga Mutesa bwe yali."

Endagaano bwe yaggwa, Peters mu Buganda yamalamu wiiki ntono ng'asula mu nju Mwanga gye yamuwa ku Rubaga. Abaminsani Abakatoliki, na ddala Father Lourdel eyali awulirwa ennyo eri Mwanga mu kiseera ekyo, baamwekwatira ddala. Okumwemala kuno, kwaleeta kigoyewezinge ataakoma ku ntabagana ye n'abaminsani Abangereza, wamu n'ekibiina ky'abaprotestanti we kifa kyenkana ekyakulirwanga Katikkiro; naye eyalanda n'atuuka ku Basiraamu n'Abakaafiiri. Bwe yamala okugonza Mwanga okussa omukono ku kiragiro ekiwera obuddu nga 16 March, 1890, kwe kumusendasenda awandiikire amawanga g'e Bulaaya ng'asaba Buganda ebalibwe *ng'enneerolezi* era nga yeeyama okufuula obukristu bwokka eddiini enkulu mu matwale ge gonna. Obukristu bwatongozebwa okubeera eddiini y'obwakabaka bw'e Buganda mu kiragiro ekyalangirira nti Obwami obwa gavumenti bwonna bwa kujjuzibwa Bakristu bokka, nti abakaafiiri bonna abagaana okukyuka babwamukemu. Peters akakasa nti ekiragiro kino kyatuukiririzibwa ddala. Obusiraamu obwo nno bwawererwa ddala ne bussibwako na gwa kufa. Obukaafiiri ne buweebwa akalembereza.

Ku lwa 22nd March, Peters, eyali akyalinda amaato gakuŋŋaane okutwala ennamba ye ku bukiika bwa ddyo w'ennyanja Nnalubaale, yakiika okuteesaganya ne Mwanga, Lourdel, Walker ne Gordon. Lourdel kwe kutegeeza Peters nti waliwo ebbaluwa eyavudde ewa Jackson gy'alowooza nti kyandisaanye Peters agirabe. Mwanga yawaliramu okugiwaayo, naye kyaddaaki n'akkiriza nga bw'agamba nti ebirimu Peters tebisaana kumwesisiwaza kubanga ye talabamu kantu. Ebbaluwa ya Jackson yali ya kubuulira Mwanga nti Peters n'ennamba ye okujja e Buganda, Gavumenti yaabwe siyabakkiriza,





*Kabaka Mwanga II ayaniriza Dr. Karl Peters*

era nti ye bwe yamala okukkirizibwa Gavumenti Endaaki n'Engereza, ali ku mulimu gw'okubaziyiza okweyongerayo yadde okubakwata nga kibadde kyetaagiddwa. Jackson yasaba Mwanga naye abyenyigiremu, n'amugamba nti ali mu kkubo ajja n'abasajja ebikumi bitaano, nti era asuubira okumulaba amangu.

Ggwe wamma Peters yasunguwala nnyo ng'asomye mu bbaluwa eyo, olw'obutamanya mu kiseera ekyo nti Jackson bye yawandiika byali bya mazima ddala. Mwanga kwe kugamba okuwa Peters eggye alumbe abaminsani Abangereza n'ekibiina kyabwe, naye Peters n'agaana ng'agamba nti wabula gwa kuggweera mu Bulaaya. Mpozzi Peters tiyamanya nti Jackson bye yawandiika byali bya mazima, naye siyalema kuteebereza nti kyandiba.

Waayita mbale Peters n'ennamba ye ne basaabala obwato okuva mu Buganda okulaga ku bukiika bwa ddyo emitala w'ennyanja. Baba baakagenda, Father Lourdel n'afa omusujja ng'amaze mu Buganda emyaka kkumi na gumu egyafundikira obulamu bwe obw'emyaka 39.

## 5

## F. J. JACKSON

Ebyafa ku nnamba ya Karl Peters binnyonnyoddwako nnyo, kubanga byoleka bulungi ebyafaayo by'obufuzi mu kiseera ekyo, era biraga amawanga amalala amakulu Amalaaya, Bungereza ng'omutadde wali, nago nga bwe gaayaayaaniranga okufuna obuyinza mu Buganda. So nno emirundi mingi Peters yakolanga ku lulwe nga takkiriziddwa Gavumenti ye, ate nga musirannumbu era nga wa ttima. Kyokka kizibu obutaddako mabega kwewuunya mwoyo gwe ogw'obuvumu, n'okuluubirira kwe yaluubirirangamu okwongera ensi ye Budaaki mu maaso nga bw'asobola. Mu biseera ng'ebyo, ne mu kanaayokyani gwe baalimu, nga tiwalema kubaawo kukyawagana mu Bazungu abatali ba ggwanga limu na ddiini emu, ng'abo abaasooka okujja mu Buganda bwe baali. Mu bye baawandiika bennyini, baabojjaganiramu n'okuvunaanaganiramu enkwe. Gordon, Walker, ne Mackay nga battunka ogw'eddiini y'Ekiprotestanti, n'ogw'okuwaalirira abantu b'ensi yaabwe be baba batereeza Buganda, bo balyoke bayigirize eddiini yaabwe nga tiwali abakuba ku mukono; Peters ye ng'ali ku gwa kwongera ggwanga lye na ttutumu lye mu maaso; ate Jackson ne Lugard bo nga bali ku bubaka bwabwe obw'Abakampani: kyangu okutegeera embojjanyi zaabwe, newakubadde zajja bubi; era kyangu okutegeera obuzibu obwayolekera kabaka ow'ebiro ebyo—ne bwe yandibadde ani. Ebigambo bya Winston Churchill ebiri ku ntandikwa y'ekitabo kino bituukanira ddala bulungi ku bantu abo n'ebiro ebyo.

Olugendo lwa Peters era lukulu, olwokubanga lwe lwaleetera Mwanga n'abalala okukyawa Jackson n'Abangereza. Peters ye yagamba Mwanga nti Jackson yamutiiririra ng'amuyise okumudduukirira. Ekyavaamu Jackson ne Lugard eyajja oluvannyuma kwe kusanga ng'abantu babakyayeemu. So nno mu mazima, Jackson we yafunira omulanga gwa Mwanga oguwanjagira obuyambi, yali alumiriziddwa obutagenda Buganda, era okubyanjula e Mombasa n'okuddibwamu ng'akkirizibwa agende, kyatwala akaseera.

Mu kiseera ekyo Jackson yali akolera Kampani eyitibwa Imperial British East Africa Company eyagunjibwa mu 1886 n'ekulirwa Sir William Mackinon. Kampani yasaba n'eweebwa ebbaluwa (Charter) mwe yaweerwa kyenkana obuyinza bwonna obw'obufuzi mu kitundu kya Bungereza nga 3.9.88. Endagaano za Kampani eyo nga ziteekwa okukakasibwa omuwandiisi w'obwakabaka (Secretary of State) ate ensonga ez'abatali bannansi nga zimalibwa Commissioner ne Consul-General. Okuggyako ebyo, Kampani nga yeetaaya okukola bye yeeteekako nti by'eruubirira, bye bino: "Okukuza obusuubuzi, n'emirimu n'enfuga ennungi, by'esuubira nti bijja kulongoosa embeera ya bannansi mu by'obufunyi, byongere ne ku bugunjufu bwabwe; n'okubetenta obusuubuzi bw'abaddu, ensi zino baziggulirewo obusuubuzi n'emirimu ebitabagana n'amateeka."

Okutuuka mu 1889 nga Kampani evunaanyizibwa okulabirira n'okulongoosa mailo nga 200,000 mu Africa ey'Ebuvanjuba. Abagunzi ba Kampani, bo baali basonze £240,000 (Shs. 4,800,000/–) so nga ze beetema okusonda zaali £2,000,000 (Shs. 40,000,000/–). Omutemwa gw'oku-

labirira n'okulongoosa gwonna nga bwe gwali ku Kampani okugusasula, so nga tekkirizibwa kwefuga busuubuzi, kirabika nti abagunzi baayo baasinga kusindikwa mwoyo gwa nsi yaabwe anti tibaalina magoba ga mangu ge basuubiramu.

Gavumenti y'e Bungereza yayatula nti esuubira nti Kampani erikola ky'esobola obutaganya nsi ndala z'e Bulaaya nga Budaaki ne Bufransa, kulya nsi eziri munda, nga ne Buganda ebaliddwamu. Abakulu ba Kampani ku bwabwe baali batuufumu, ogwo okuguyita nti mulimu gwa Gavumenti Engereza, gwe batateekwa kuyiyirayiyiyirako nsimbi za bannaabwe abaazisonda. Naye kyokka bwe kyabanga kyetaagibwa nga bakola masajja.

Mu 1889 Kampani yasindika abalawunyi nga bakulirwa Mr. F. J. Jackson ng'awerekerwa Mr. Gedge, bagende ku Nnyanja Nnalubaale. Baatuuka e Kavirondo nga 7 November, 1889. Jackson yalagirwa okukola endagaano n'abaami mu linnya lya Kampani, n'okugezaako okufuna ennyo amasanga nga bw'asobola, gaveemu omuwendo ogusasulira enkuuka ye. Era yakuutirirwa obutagenda Buganda. Yalina abasajja nga 500 abambalidde emmundu ssenadaali, naye ng'abantu be beekolera nga bwe baagala.

Okutuuka e Kavirondo yasanga bbaluwa za Mwanga zisaba kudduukirirwa, naye ate oluvannyuma n'awulira nti Mwanga obwakabaka yabuddako. Olw'obutamanya nti Abakristu ate baalabwa mu nkoona n'olw'okujjukira ekyamukuutirirwa obutagenda Buganda, kyeyava adda mu bbaluwa ng'annyonnyola ebimufaako n'abantu be we benkana, n'ayongerako nti bw'aliba yeetaagibwa nnyo alijja, kasita abaminsani balikakasa nti byonna ebirimugendako bya kusasulwa, ne Mwanga n'amala akkiriza ensi ye okugikwasa Kampani ni ye eba egikuuma. Yategeeza nti obutajjirawo, kuba yawulira nti Mwanga baamuzzaako, nti Abakristu baalulinnyako nti n'abaminsani baaluwona tibaliiko kabi ; era nti ajja kulindako omwezi mulamba bamuddemu.

Nga 6 December, Jackson yafuna ebbaluwa ya Mwanga eya 25 November, emwaziiranira okujja, ng'etegeeza Abakristu nga bwe baalinnyibwako, era nga lwa butakibotola, etegeeza nti Mwanga " yeevuddemu bakolagane." Jackson yavvuunulamu kya butabaamu kisuubizo kikakafu kyekuusa ku ndagaano, ate nga we kitali taganya



kumenya kiragiro kimugaana kugenda Buganda. Kwe kuddamu ng'ayongera okunnyonnyola ebimufaako, n'akwata ery'oku bukiika bwa kkono anoonye amasanga nga bwe yalagirwa. Aba akyali eyo, Dr. Peters we yatuukira e Kavirondo, n'asumulula ebbaluwa ezaatuuka nga Jackson asitudde, ezinnyonnyola akacwano akali mu Buganda n'azisoma ; n'asinziira ku ebyo bye yalabamu, okugenda e Buganda n'okuteesaganya ne Mwanga eby'endagaano ye.

Jackson olwaddayo e Kavirondo nga 4 March, 1890, kwe kutegeerera ddala ebifa e Buganda, n'amanya nga Mwanga bwe yakkiriza ebendera gye yamuweereza, n'abissaamu engatto okulaga ebugwanjuba aziyize Peters okutabula ensonga. Yatuuka e Mmengo nga 14 April, nga Peters yaakamala mwezi ng'amazeemu omusulo. Yagenda okutuuka nga basajja be bangi bamujeemyeko, asigazizzaawo ab'emmundu nga kikumi mu kinaana.

Omanyi yali tannajja, Peters n'amusiikuulira Mwanga n'amukyawa, awo nno bwe yatuuka Mwanga n'afaanana okumusunga olw'eggye lye. Jackson kwe kwanjula endagaano eneewa Kampani okufuga empooza y'ebintu ebiyingira n'ebifuluma mu nsi n'emisolo, yo Kampani esasulemu " kunyweza nsi okwerinda entalo obulungi" n'okugissaamu amagye, n'okugitemera oluguudo olulungi olutuuka e Mombasa. Enjuyi zonna zakkiriza nti obukuumi bwali bwetaagibwa, naye Abakatoliki ne baguguba nti eby'empooza y'ebintu ebiyingira n'ebifuluma biteekwa kubeera bya Kabaka. Mu kuteesa bino Jackson yazibuwalirwamu olw'obutamanya Kampani ky'erowooza ku ye okuyingira mu Buganda, n'olw'obutamanya ndagaano Bungereza ne Budaaki gye baliko mu Bulaaya ku bya Buganda. Kyaddaaki ne kikkirizaganyizibwa Jackson addeyo e Mombasa n'ababaka ba Mwanga babiri, omu Mukatoliki omulala Muprotestanti beetegereze obanga Buganda eri mu kitundu kya Bangereza oba kya Bafransa oba kya Badaaki. Gedge yasigala n'abasajja ng'asatu mu bataano n'emmundu Jackson ze yasobola okumulekera, abeerewo ku lwa Kampani. Jackson yasitula nga 4 May, nga Mapeera amaze lumu ng'afudde. Mackay yali amaze okufiira e Nsambiro nga 8 February. Bombi baali tibavangako mu Afrika kuddako waabwe mu Bulaaya, okuva lwe baagituukamu olubereberye.

Mu kiseera ekyo Buganda yayolekwanga ku bifaananyi by'ensi eby'Abangereza, ng'eri mu kitundu kya Bungereza, ate ku by'Abadaaki ng'eyolekerwa mu kitundu kya Badaaki. Kino kye kimu ku bigambo ebyali biteesebwako mu Bulaaya, wamu n'ebirala ebikisingako obukulu, nga mulimu ekya Zanzibar nga bw'eriba gye bujja, eky'eby'okulekeraganira ku lubalama lw'Africa ey'Ebuvanjuba, eky'obukiika bwa ddyo obugwanjuba n'ekya Buvanjuba bw'Africa, are n'eky'akazinga akeesiifu ku by'entalo aka Heligoland akaliraanye olubalama lwa Budaaki mu North Sea, akaali kafugibwa Abangereza mu kiseera ekyo. Ebyo byonna byakkaanyizibwa mirembe wakati wa Bungereza ne Budaaki mu "Ndagaano ya Bungereza ne Budaaki ekwata ku Africa ne Heligoland" eyassibwako emikono essaawa 12 ez'olw'eggulo nga 1 July, 1890. Ku bya Buganda, ekitundu ekisooka eky'endagaano eyo kye kyali ekikulu, kubanga kyasala ensalo y'ebitundu eky'Abangereza n'eky'Abadaaki ebeere olukoloboze olubereberye olw'obukiika ku bukiika bwa ddyo nga bwe lusala mu nnyanja Nnalubaale okuva ebuvanjuba okulaga ebugwanjuba, n'okuva awo okutuuka ku nsalo ya Congo (nga kinnyonnyoddwa nti olusozi Mufumbiro lugendereddwa kubeera mu kitundu kya Bungereza). Mwalimu akakobezo akaateekebwamu mu kitundu VI ak'okukyusa ku nsalo ng'ensi zombi zikkirizaganyizza okutuukanya ensalo ezo ku nsi ezaawulwamu.

Eky'okuyingiza Heligoland mu Ndagaano efa ku Africa kyetaaga okunnyonnyolwako. Okuyita mu bimpimpi: Budaaki yali yeetaaga dda Heligoland mu by'obulunnyanja bwayo, era nga sikiriimu kubuusabuusa nga bw'olaba ku maapu, nti ekizinga ekyo kigendera ku Budaaki so si ku Bungereza nayo ku bwayo ng'eruubirira okulekerwa ebitundu mu Africa ebyali bikaayanirwa Budaaki, naye nga bisinga kusaanira kugendera mu bitundu bya Bungereza. Gavumenti zombi kwe kulekeraganira buli emu by'esaba, endagaano byonna n'ebimalira kumu.

Awo nno Jackson yagenda okutuuka n'ababaka e Mombasa, nga kiwedde okusalibwa nti Buganda eri mu kitundu kya Bungereza. Kyokka mu kiseera ekyo Captain Lugard yali amaze okusitula n'ennamba ye okulaga e Buganda. Baakwata ga mpiteeyite bwe butasisinkana mu kkubo na Jackson.





## KAPTAANI LUGARD N'ENDAGAANO YA 1890

Mu September, 1887, Kaptaani Lugard lwe yaddako e Bungereza nga muyenjebufu olw'emyaka emingi gye yali amaze ng'ali n'eggye lye Ebuvanjuba. Yawummulako wiiki mbale ne lumubalira n'alagirwa okuddayo okukolera ku ggwanga, n'asaabala n'eggye lye okulaga e Gibraltar nga 22 December. Yakiggukamu mangu nti takyasobola kutuukiriza bulungi mirimu gya kiserikale, kwe kusaba n'akkirizibwa okugira ng'akolera ku mpeera ya kitundu. Bwe yalaba ng'asaanidde mirimu gya maanyi gya kukabassana so si kuwummula, kwe kumala gasaabalira mu kifo kya wansinsi (second class) mu mmeeri gye yalaba eyita ng'alinawo £50 (ze Shs. 1,000/-) zokka, ate nga kyenkana talina na kantu okuggyako emmundu ey'omudumu .450 era nga talina ky'asimbyeko mutima oba gy'amaliridde kugenda.

Yeekoonako katono mu Baitale abaali balwana mu Abyssinia mu kiseera ekyo, n'alyoka asaabala emmeeri eyali eraga e Zanzibar. Olwo ku lwayi yali asigazizzaako mbale nga yeezinga mu bulangiti n'agudumala eyo ku mmeeri waggulu. Omwo mu mmeeri mwe yawulirira omusaabaze ng'ayogera nti Kampani eyitibwa *African Lakes Company* ekolera okumpi n'ennyanja Nyasa yeetaaga okukozesa abayizzi b'enjovu. Ekyo ne kimusanyula ng'alaba ako kalimu kalungi okugira ng'akola nga bw'addamu omusaayi n'endasi, era nga bw'alinda okuddibwamu mu kusaba kwe, kwe yayisa ku musaabaze omulala okw'okuyingira mu kibiina *East African Association* ekyafuuka oluvannyuma *Imperial British East Africa Company*.

Lugard okujja mu Africa siyajjirirayo kukakaalukana na kukozesa maanyi byokka, naye yalina n'essuubi okwetaba mu mulimu ogw'omugaso ng'ogw'okulinnya obusuubuzi bw'abaddu mu bulago ng'abadde asobodde; era yalina n'ekirowoozo ky'okwetaba ne Emin Pasha mu ttwale lye.

Olwatuuka mu Blantyre, amangu ago ne yeetaba mu kikwekweto ekyali kirumba abasuubuzi b'abaddu ekyakuŋŋaanira e Matope nga 19 May, 1888. Bye yakola mu kikwekweto ekyo ne mu Nyasaland sibitabagana na

mboozi eno, kyokka bye byaleetera Lugard obumanyirivu obwamuyamba ennyo oluvannyuma mu Africa ey'Ebuvanjuba. Eky'ekitalo, Mr. H. H. Johnston, anaayogerwako mu byafaayo bya Buganda, mu Nyasaland yatuukayo nga Lugard kyajje asimbuleyo ekigere, n'akola endagaano n'ensi n'agirangirira okubeera enzibirwa (Protectorate) n'oluvannyuma n'afuuka Balozi waayo.

Lugard yaddayo e Bungereza mu June 1889, n'atandika omulimu gwe omulala omukulu gwe gw'okutegeeza Abangereza ebintu nga bwe biri mu Africa n'okubakyayisa ennyo obusuubuzi bw'abaddu. Mu November, aba akyalinda ku ggye lye okudda okuva e Buyindi, Sir William Mackinon kwe kumusasulira olugendo lw'e Mombasa n'amaddayo naye n'akkiriza. Empewo yali emumeketa mu kiwundu ky'emmundu mu mukono ogwa kkono, awo n'asanyuka omwaka oguba ogw'obutiti e Bungereza okugumala mu nsi ey'ebbugumu.

Mu East Africa yatuukayo nga 6 December n'akwatagana mangu ago n'ogwa Imperial British East Africa Company. Yategana nnyo nnyo n'omutawaana gw'okutakkuluza abaddu ku bakama baabwe Abawarabu, kyaddaaki bonna ne bakkiriza entegeka ye ey'abaddu okwenunula.

Mu budde obwo nga Kampani ezimbyezimbye mu bifo ebisuulaganye ennyo. Ekyokulabirako ekifo ekimu nga kiri Machakos, ekiri mu mailo 350 munda okuva ku guyanja ate ng'esuubira okuzimba ekirala e Kavirondo. Wakatikkati awo nga siwali mugiini gubiyunga, nga siwali na bufuzi. Lugard ne yeetikka omulimu gw'okuvumbula ekkubo eddungi okuva e Machakos okutuuka ku Guyanja n'okulizimbako emigiini egisuulaganye mailo nga 50. Aba akyali ku ogwo n'alagirwa ab'e Mombasa agende e Uganda, naye ng'asoose kuddayo Mombasa kuyingiza bantu balala b'anaagenda nabo 200, n'eggye eriggya, era n'okukkirizibwa Office y'eby'Entalo agende. Yaddayo e Mombasa nga 11 May, Office y'eby'Entalo n'emukkiriza nga bwe kyali kyetaagibwa n'agendako e Zanzibar okufuna abantu.

Okusitula kwalwisibwa olw'okubeera okutuuka kw'omukulu wa Kampani, Sir Francis de Winton, eyali yeetaaga okugenda e Uganda ng'akulembedde ennamba. Oluvannyuma nga 6 Augusto Lugard n'asitula e Mombasa ng'atumiddwa agende mu nsi ya Bamasai okuyisa



Machakos azimbeyo omugiini. Ekyo nga kiwedde yeeyongereyo ng'abadde asobodde, azimbeyo omugiini omulala alindirire Sir Francis de Winton okumutuukako. Naye si kugenda Uganda.

Lugard yagenda ne Wilson nga ye Mumyuka, ko Mr. (atali Sir) F. de Winton, Grant, Brown, n'Abasudani nsanvu abaggibwa Kaptaani Williams e Misri nga bakulirwa Shukri Aga. Akazinga akakadde akaali katakyagasa nnyo, Stanley ke yayitanga nako okumalako Africa, nako yagenda nako. Omusomali ayitibwa Dualla eyali alambudde ennyo Bulaaya ne Africa ye yali munnampala w'ennamba.

Ennamba eyo yali nnamba-kutuusa, n'obupakasi obwalimu nga byekwaso. Abasinga obungi, ku ndagaano baateekangako emikono lwa kufunirawo musaala gwa kikwatabuguzi, oluvannyuma beebulire n'emmundu n'amasasi. Baagenda okutuuka e Makongini, nga ku 150 kwakabulako 50. Lugard yali agambiddwa nti e Machakos waliyo emitumba bikumi na bikumi egimulindiridde ; naye bwe yatuukayo yasangawo nga 100 gyokka, ate ng'egisinga obungi gya bintukatoole.

Ku lwe 19 October, 1890, Lugard lwe yafuna ekiragiro kya bakama be ekyamusanga e Kikuyu, nti ye aba agenda mu Uganda eyali emaze okukakasibwa mu Ndagaano y'Abangereza n'Abadaaki eya July, 1890, okuba mu kitundu kya Bungereza. Ennaku ezaafundikira omwezi ogwo yazimala mu kukuŋŋaanya ntanda na kunyweza kigo ky'e Kikuyu, na kuluŋŋamya nfuga yaakyo eneegobererwanga Wilson gwe yakirekera. Nga 1 November n'asitula okulaga mu Uganda n'Abazungu abalala babiri, de Winton ne Grant, Abasudani n'Abasomali 66, Dualla, n'Abaswahili nga 285 (bannampala, abaserikale, abapakasi, abaweereza n'abalala).

Baagenda mbiro nnyo kubanga Lugard gaali gamuleetedde nti Stokes yali mu ddene ng'atwalira Abaganda emmundu nnyingi ziyambe Mwanga, ne kimutiisa nti si kulwa ng'abaminsani bagwibwako akabi. Baasalira mu Masai, Mau, Kavirondo, ne batuuka ewa Wakkooli mu Busoga nga 7 December ; ate nga 13 December ne batuuka ku mugga Kiyira. Lugard yakigenderera okumenya empisa ey'okulinda okumala okukkirizibwa Kabaka alyoke ayingire e Buganda, nga tayinza kugumiikiriza

kulwisibwa atyo; era ng'alaba ke kaseera akalungi okwekakasizaamu nga bw'ali eyeetwala. Ye Lugard ekyo, n'eky'entuuka gye yatuukamu e Mmengo, abinnyonnyolako bw'ati:

"Bwe nnatuuka ku ligga eryo saasangawo bwato oba empuluwujju ezibufaako, so nga nnasinziira ewa Wakkooli ne ntumira Mwanga ababaka okumutegeeza nga bwe nzija amangu n'okumusaba amaato. Nnali nfunye olugambo olutafaanana olwekuusa ku Mr. Stokes ne ntegeera nti alinga tannatuuka, oba amaze nga bbiri ng'azze. Ate ne mpulira nti Mr. Gedge ali eyo ku bukiika bwa ddyo w'ennyanja. Olwokuba nga nnali mmaliridde obutabaako kinziyiza kutuuka Buganda, ndyoke nsangwewo ntabule ebya Mr. Stokes nga mbadde nsobodde, kyennava nkwata akaato akatono ennyo akaaliwo akamu kokka, nze ne mpunguka. Oluvannyuma twazuulawo obulala buna n'omwami w'awo n'atuweerako ng'alaba taasobole kunziyiza. Mu obwo nno mwe twawungukira ku ngalangatana ya kitalo kubanga bwali bunyiikuuli. Abavannyuma baawunguka buwungedde, awo ne ndekawo Omusudani okukuuma ente zaffe ebbiri ze twali tusigazizzaawo. Olwo nno twali tutambudde mailo 10, nga ne Kiyira tumuwunguse olw'obwangu bwaffe obutaganya bantu kukweka bwato.

"Oluvannyuma nnafuna amawulire nti ku bantu baayo, Kabaka yaakattako babiri olw'okuŋŋanya okuyitawo; ndowooza nti ekyo ka ngira nkireka okukibuuliriza kiriba kya luvannyuma. Tutuuse e Buganda nga wayise ennaku ana mu bbiri kasooka tusitula Kikuyu. Ekiragiro ekyansindika okujja kyawandiikirwa e Mombasa nga 17 September ne kintuukako nga 19 October, eno e Uganda ne tutuukayo nga 13 December.

"Nnaweereza Mwanga ebbaluwa okumumanyisa nti Kiyira mmusomose ndaga e Mmengo; ne ntambula butambuzi butereevu awatali kulonzalonza.

"Twasanga omubaka wa Kabaka ow'okututwala e Uganda, era ne nfuna n'obubaluwa bungiko nga buva eri Gordon ne Walker, era n'aka Munsenyere Omufransa kamu. Kano akasembye kaalimu obugambo obw'ekisa nnyini nange ne nkaddamu mu ngeri eyo. Ne Katikkiro yampandiikira ezize.

"Nga 16 December ne nfuna ebbaluwa ya Kabaka entongole ey'okunnyaniriza, ne ntuuka e Mmengo nga 18. Bandaga akafo akabi mu kiwonvu we mba nsiisira ne nkagaana, ne ŋŋenda ku ntikko y'akasozi akeesudde yaadi nga 800 ku kasozi Kabaka kw'asula n'abakungu be abasinga obungi. Kabaka yantumira ababaka bangi okuŋŋamba nti ekifo kibi yeetaaga ampe ekirungi, nze ne nziramu nti ekirala nnaakirambula enkeera kubanga abantu bange bakooye n'enkuba ebindabinda. Ne ŋŋamba era nti enkya nzija kujja okulaba Kabaka.

"Oluvannyuma nnalaba nti akafo ke nnalonda kaali tekasingika bulungi."

Lugard yabulwa g'asala okwejalabiza e Mmengo, kubanga ebyambalo bye eby'embaga enkulu, eŋŋendo ze



zaali zibifudde ng'oluwalewale olukadde lubukondo oluyiggirwamu okuli olusaati olusulwamu; naye era yagenda ne gaadi y'abaserikale Abasudani, lwe yagenda okulaba Kabaka nga 19 December. Mwanga yatya nnyo amawaggali ge yayitamu okuwunguka Kiyira nga talinze kukkirizibwa, ate n'okwerondera yekka w'anaasiisira nga bw'ayagala.

Lugard yasomera mu Lukiiko nga 19 December, ebbaluwa ezimwanjula ez'abakulu ba Kampani, Mr. Mackenzie ne Sir Francis de Winton, n'agamba nti ye tajja kusosola mu ddiini, nti era asuubira empaka okuzimala obulungi. Yalumiriza nti ebibiina biyitibwenga *Baprotestanti* na *Bakatoliki*, mu kifo kya *Bangereza* na *Bafransa*, era n'annyonnyola nti kaakati ddembe jjereere buli muntu okwesomera eddiini gy'asiima mu Uganda, nti kyokka yo ensi yonna kati ya Bangereza. Yategeeza nga Gavumenti Endaaki bwe yeemansula endagaano ya Dr. Peters.

Eby'e Buganda byannyonnyolwa biti mu kiragiro Sir F. de Winton kye yawa Lugard:

"Embeera Uganda gy'erimu eri bw'eti: Mwanga obuyinza bwennyini alina mpa we buzira; Abaprotestanti n'Abakatoliki ekikyabagaanyi okwambalagana kubulwa masasi, na kutya kibiina kya Basiraamu ekikyali ku nsalo. Essuubi lya Mwanga liri mu Stokes eyamusuubiza okumuleetera amasasi n'obuganga. Kisuubirwa nti bw'alifuna bino ng'abikwasa Bakatoliki kugobayo Baprotestanti. Tayagalira ddala kukola ndagaano. Ndowooza enteekateeka eno ya Pere Lourdel amuwuliza ennyo; kyokka okusinziira ku bya Jackson by'agamba, Mwanga tiyeesigika n'akatono era yeefaako yekka."

Lugard ebyamulagirwa abifunza bw'ati:

"Nnalagirwa okuwa Mwanga obukakafu bw'eddembe mu bwakabaka bwe era n'okumumanyisa obuyinza bwa Kampani, ate n'okumunyigiriza awatali kuddiriza, ng'ekigendererwa kwe kufuga byonna ebifa ku beeru mu nsi eyo.

"Nnalagirwa okwekuuma obutabaako gye nneekubira ku njuyi zombi, bonna mbategeezenga mu bukakafu eddiini nga bwe ziri ez'okusomwa mu ddembe awatali ekubwa ku mukono, kyokka '*mpagire Abaprotestanti*' nga bali babadde bakikinaza essule."

Kyokka bye yasooka okulagirwa byali sibiwunjawunjamu nga bino, nga bitegeeza nga Lugard bw'ateekwa okubaatuza nti bategedde nga Uganda ekuumibwa Kampani, era yalumirizibwa nga bwe kyetaagibwa afune ebimalayo ensimbi ezimufulumako. Bwe yalaba nga Mwanga ekitiibwa ky'Obwakabaka eky'edda kyali kimu-

kendeddeko nnyo olw'empisa ze, nga n'abantu be takyabawuliza, Lugard kwe kumalirira nti kyetaagirwa ddala akozese Kabaka n'Abaami endagaano eneemuwa obukulu obw'omu mateeka obumwatuliddwa mu nsi omwo, amalewo ebigikabassanya. Mu kuteesa kwonna okwaddirira, Lugard yayogeranga masajja awatali kweguya, n'agaana okubaako oludda kwe yeekubira ku ezo ezivuganya.

Akawungeezi nga 19 yakyalira abakulu Abafransa n'abannyonnyola ebiri mu ndagaano ye n'abasaba bamwekubireko basse kimu naye. Baamuswalizaawo, n'addayo okuwandiika ng'annyonnyola buli kitundu ekiri mu ndagaano ye; abaminsani Abafransa n'Abangereza n'abaweerezaako ku buwandiike obwo ku Lwomukaaga nga December 20. Abafransa baddamu nga 22 nga beebalama ebikulu ebiri mu ndagaano, wazira nga bafa ku bigambo byokka ebiringa kino eky'okumanyisibwa obanga abaweereza b'abaminsani banaasigaza emmundu zaabwe. Nga 23 Lugard yawandiika ati mu katabo ke ak'ebya buli lunaku :

" Ekizimba kisambye eddagala. Tusuliridde kulwana. Abakatoliki balumizza engabo amannyo okuteeka omukono ku ndagaano; bukaaye. Buli lunaku emmere yeeyongera kukendeera. . . . Amasasi nsigazza ga munaganwa, n'omuzinga ngubuusabuusaamu oba gunaagasa. Abaprotestanti, olwokuba nga saabawaana nnyo, nabo baterebuse nnyo era bateesa n'ensi okugivaamu, kubanga nange nnagambye nti endagaano bw'eteeteekebweko mikono nga ŋŋenda. Saagala balowooze nti najjirira kutakabanira Baprotestanti, era saagala Baprotestanti kunyiiza bali nga beeraga nti be bawanguzi. Kyokka nnategeeza abasaserdoti nti Kabaka bw'aneerema okussa omukono ku ndagaano, nnaagamba abaami ne bassaako. Simunnenya bwe banaaba Abaprotestanti abeerere nga be bakkirizza, kubanga nze nneefuula kalyabugatte, bonna ne mbakkiriza ebirungi bya menkanyi n'ebirala. Awo nno Abaprotestanti balinga abaweddemu amampaati, era tibasoomoza wadde okunyiiza Abakatoliki; ate n'Abakatoliki batyamu nti si kulwa nga nneekubira ku babavuganya."

Nga 24 December, Lugard yayanjula endagaano mu Lukiiko. Ashe abyaliwo abinnyonnyola bw'ati :

" Ku lunaku olwakulembera olw'Amazaalibwa (Noel) ekigambo ky'endagaano kyayanjulirwa Kabaka mu Lukiiko wakati, awajjudde abaami abanyiivu era (abayinza okubeera) ab'akabi. Bonna bajja bambalidde emmundu ezijjudde amasasi, Abakatoliki nga bajjiridde okulwanirira Kabaka okumuwonya Abangereza, ate Abaprotestanti



nga bajjiridde kulwanirira Kapitaani Lugard. Waaliwo omu eyayolekeza Kapitaani Lugard emmundu, naye omu ku baami Abaprotestanti, eyava e Buddu Zakaria omwesigwa, omudumu n'agukuba mangu ago n'agussa. Omu ku banne ba Lugard, De Winton, yawulira enfunda bbiri okupakala kw'emmundu egobolwa, mu kiseera ekyo, abaami we baawangira amasasi mu mmundu zaabwe ekyangungu nga balaba obulwa butuuse. Lugard ye ebyo tiyabiwulira ng'omwoyo agumalidde ku kimu. Kabaka yatya okulaba Omungereza ono Kyakatuuka, nga tafa ku kuwalira kw'amulaze, wabula akaliriza kimu nti ateeke mukono ku ndagaano. Kyaddaaki, Kabaka bwe yali ng'agonda, oluyoogaano ne lugenda lufuluma mu Bakatoliki ebweru olwawaliriza Kapitaani Lugard okumanya nti ekisinga bwe butakirinda, wadde okugugubira ku kintu ekisigalidde okufuula Mmengo eddwaniro n'ebitaba by'omusaayi. Kyeyava adda e Kampala n'asula ng'akulungutana. Eyo gye yategeerera obulwa bwe bukuze olw'okuwulira oluyoogaano n'eŋŋoma ezibumbujja n'amaloboozi amasunguwavu agaddiŋŋana nti Abangereza battibwe. Enkeera lwe lwali olw'Amazaalibwa. Abangereza abalala, okutuukiriza empisa y'ewaabwe, baali ku mbaga, naye omugabe olw'okweraliikirira yabeetondera bwetondezi, anti akasandali akaaliwo nga kamunnyise omutima. Yamalirira agende anyumyeko ne Kabaka atekemuse; naye kyazira kusemberera nzigi z'e Mengo, eŋŋoma za Kabaka ne zitokota, n'abantu abambalidde emmundu ne basolottoka okuyingira okukuuma Kabaka. Kirabika nti buli ludda lwali lusuubira okuliibwamu olukwe. Lugard kwe kufunyamu ng'ogubiina ogwo ogw'ekyejo bwe gumuŋoola n'okumusekerera muli."

Mu byaleetebwa mu kuteesa okw'olwe 24 mwe mwali n'eky'amawanga agaliisa eno ng'ery'e Busoga, Kiziba, n'amalala obanga ga kwongera okuwanga Mwanga omusolo. Ekyo Lugard n'akaliriza okukireka nga sikisaliddwa, nga talabawo nsonga mawanga ago kyegava gongera okuwanga omusolo nga tigalina muganyulo gwe gafuna Buganda, ate nga ne Mwanga takyalina buyinza ddala kugwesoloolezaayo lwa mpaka ; era nga talaba nsonga eneesindika ye oba Kampani okugusoloolezangayo Mwanga.

Bwe bwakya ku Lwokutaano nga 26, abaami nga basoose okuteesaamu ennyo ne bajja eri Lugard ne bamugamba nti beetegese okussa emikono ku ndagaano, kasita abakkiriza okugyewandiikirako obugambo bwabwe wansi. Ekyo Lugard n'akikkiriza. Awo nno Lugard ne de Winton, n'abaserikale nga basatu oba bana ne bagenda eri Kabaka be baba basooka okussa emikono ku ndagaano. Katikkiro ne Kimbugwe baagaana okubawerekera, naye Kawuuta n'abawerekera. Kabaka n'abaami baasangwa batya nnyo ogubiina gw'abatamiivu abanywi b'enjaga,

ogwali gumaze wiiki eyali eyise nga guteganyateganya nga bwe guwera enkolokooto.

Okussa omukono ku ndagaano, Lugard mwene akunnyonnyola ati :

" Mba ndi mu kkubo Kabaka n'antumira okundabula obutajja kubanga ' abantu ababi ' baali bamaliridde okuntemula. Kino nnalowooza ng'olugezi obugezi olw'okunneegobako, ne nziramu nti nsitudde sikyadda mabega. Kyenkana Kabaka yali bw'omu, naye abaami abakulu bonna ne bayingirira mu mizigo egy'enjawulo kinnoomu, ng'abajja obubba, okutuusa olukiiko lwe lwajjula. Kabaka yawuliriza endagaano ng'esomwa. Kyaddaaki n'asaba ekirabo, kubanga nnali simutoneranga. Nze kwe kuddamu nti nditona ng'emitumba Stokes gye yatuusa ku bukiika bwa ddyo bw'ennyanja gikimiddwayo ; ne nsaba n'amaato ag'okukikolako. Ekyo ne kimulema. Ate nno n'attukiza eky'ensi envujjirizi (za Buganda). Ne mmuddamu nti ekyo mu ndagaano sikikutteeko, era ne ŋŋaana okukyetantala nga sinnakikkuta. Awo nno Kabaka n'abaako gw'agamba amuteereko omukono. Ekyo ne nkigaana ne nnumiriza ye ye aba akolawo akabonero. Awo n'alyoka akakozesa ekyejo, okukwaguza obukwaguza akafumu ku lupapula ne wayiika ogutondo gwa bwino ; nange kwe kukamuzzaamu, leero olwo ku lupapula olulala ne yeegendereza n'akolawo akasaalaba akatuufu. Awo omu ku baami Abafransa eyali amanyi okuwandiika n'awandiika erinnya lya Mwanga okumpi n'akabonero ako, n'abaami abalala abakulu bangiko ne bassaako emikono, naye baalwawo nnyo nga batitibana n'ennukuta z'amannya gaabwe."

Endagaano eyo yalambibwako omuwendo gwa 75 mu lukalala lw'endagaano Kampani ze yakola mu Africa ey'ebuvanjuba. Omuwandiisi w'Obwakabaka yagikakasa mu butongole mu bbaluwa ye gye yawandiikira abakulu ba Kampani nga 30.6.91. Endagaano eyo okugikyusa okuggya mu Lungereza egamba bw'eti :

### ENDAGAANO EYE 75

NZE, MWANGA, Kabaka wa Uganda, nga mmaze okutuula ne tuteesa bulungi era ne tukkiriziganyiza ddala n'abaami b'Obwakabaka bwange ab'ebibiina byonna, nzikirizza ne nkakasa nga Kabaka, endagaano eno ekakasiddwa nze ku ludda olumu, olunaku lwa leero ne ngyeteekerako omukono gwange n'akabonero kange, ne Kapitaani F. D. Lugard, D.S.O. omwani mu ggye lya Her Majesty Kwini wa Bungereza, Empress wa Buyindi, n'ebirala, eyeemaliridde yekka ku lwa Imperial British East Africa Company, eyakakasibwa ebbaluwa y'Obwakabaka, alina obuyinza obujjuvu okukola n'okukakasa



endagaano eno mu linnya lya Kampani eyogeddwako nga ye w'oku ludda olulala.

1. Kampani eyogeddwako ekkirizza ku ludda lwayo, okukuuma Obwakabaka bwa Uganda, ng'ekola kyonna ky'esobola okunyweza essanyu ly'eddembe n'okwesiima, n'okukuza obugunjufu n'obusuubuzi, n'okuleeta engeri y'obufuzi, n'okuluŋŋamya ebiritutuusa ku ebyo.

2. Nze, Mwanga, mu linnya ly'Abaami bange, n'abantu bange, n'Obwakabaka bwange, nzikirizza okwatula okukulirwanga Kampani, era ne nziririza nti Obwakabaka bwange n'ensi ezibuvujjira biri mu kitundu ne mu bakuumi mwe byakkiriziganyizibwa Amawanga Amalaaya. Olw'okutegeeza ekyo, mmaliridde obutawanika bendera ya ggwanga ddala lyonna, n'obutabaako Bazungu ba ggwanga lyonna be nkola nabo ndagaano na kubaako kya nkizo kye mbawa oba wadde okubakkiriza okusenga mu Bwakabaka bwange n'okulyamu ettaka n'obwami ng'omubaka (Resident) wa Kampani atuula mu Uganda tamanyi era nga takkirizza.

3. Olw'okugenderera okutuukiriza bye beesibyemu mu ndagaano eno, Abakampani balagaanyizza okuweereza ku mbuga ya Uganda omubaka omujjuvu. Obuyinza bw'oyo bunaabanga buno :

(*a*) Abazungu bonna abanaabanga mu Uganda, empaka n'ennyombo n'ensonga ezeekuusa ku byabwe, banaazitwaliranga ye ng'omutawuluzi, era ensala ye, okuggyako okujulira eri abakulu abakampani abasingako, eneebanga ya kamalirizo.

(*b*) Abazungu abalala abaami ba Kampani ebiragiro banaakwatanga bibye byokka.

(*c*) Nga bwe kyasoose okutegeezebwa, Kabaka anaamalanga kukkirizibwa ye, nga tannakola ndagaano na kubaako kya nkizo ky'awa Bazungu, ne bwe banaabanga Abangereza oba ab'eggwanga eddala.

(*d*) Nga bwe kinnyonnyolwa muno eyo mu maaso, ye olw'obukulu bwe, ye anaakuliranga Akakiiko k'Ensimbi n'Emisolo.

(*e*) Emmundu n'amasasi, n'omuzinga (Maxim) oba emmundu endala eza Kampani, zinaabanga mu buyinza bwe oba obw'omukulu oba abakulu abalala b'anaabanga alonze.

(*f*) Kabaka anaamalanga kukkirizibwa ye, na kwebuuza ku ye, nga tannatabaala, era ne mu bigambo

ebikulu eby'ensonga ebyekuusa ku Bwakabaka.

4. Abaminsani aba buli ddiini, abeemalidde ku kuyigiriza Eddiini ne mu kuyigiriza amagezi ag'obugunjufu n'emirimu, banajjanga kyere okutuula mu nsi eno, era eddembe n'emikolo gy'eddiini zaabwe binaaweebwanga ekitiibwa, ne watabeerawo ddala kyekubiira.

5. Ensimbi z'ensi eno zinaasoloozebwanga n'empooza n'emisolo ne bigerekebwa Akakiiko oba olukiiko lw'Eby'ensimbi, omunaatuulanga abantu abana nga bakulirwa Omubaka wa Kampani *olw'obukulu bwe,* bye banaamalanga ne byanjulirwa Kabaka. Akakiiko kano kanaalondebwanga Lukiiko lwa Bwakabaka olutuulamu abaami abafuga obwami obukulu mu Bwabaka. Ensimbi banaazigerekanga bati :

(*a*) Olw'okuyimirizaawo Kabaka n'ebibye eby'Obwakabaka, amagye ge ag'omu Lubiri, empeera y'abafuzi bonna Abazungu ne bannansi, ensimbi ezigenda ku kuzimba n'okuddaabiriza amayumba g'obwakabaka, n'ebirala.

(*b*) Olw'okuyimirizaawo eggye n'emmundu zaalyo n'amasasi ne bye lyetaaga n'abaami baalyo, n'ebirala.

(*c*) Olw'emirimu egigasa abangi olw'obulungi bw'ensi, okuzimba ebigo by'entalo n'ensiisira z'abaserikale, okukola enguudo, entindo, amazzi ag'okufukirira ennimiro, n'ebirala, era n'olw'okumirulula ensimbi ezinaabanga zifulumiziddwa Abakampani olw'obulungi bw'ensi bwokka, naye si mu kusuubula, olw'okwegaggawaza ku lwabwe. Kabaka anaawanga obuyambi bwonna bw'asobola olw'okuyimirizaawo emirimu gino egigasa abangi, oba kkubo lya (ŋŋanzikizo) railway n'ebirala ng'awaayo abakozi n'ebirala ebinaabanga mu buyinza bwe.

6. Kabaka ng'ayambibwa Kampani, anassaawo eggye ery'olubeerera, ababaka ba Kampani lye banaateekateeka n'okulitendeka ng'eggye lya bannansi bwe likolebwa e Buyindi. Okuyingiza baserikale n'okubawa obwami n'ebitongole (mu lyo) kunaakolebwanga awatali kufa ku ddiini ya muntu n'akatono, era okulonda kunaalabirwanga ku magezi na ku kutuusa bya buserikale byokka. Mu ggye lino, abalina emmundu ennungi ba kuyingizibwamu, era ne Kabaka asonderemu emmundu z'alina (ng'ez'ennyonyi



siziriiko), ate ne Kampani esondereko waakiri ezenkana n'ezo, ko n'omuzinga gumu oba kusingawo (nga bifugibwa butereevu Omubaka). Emmundu zino zinaasigalanga nga za nnyinizo gye zivudde, Kabaka oba Kampani. Emmundu endala zonna zinaakubibwako akabonero ne ziwandiikibwa, Kabaka n'abafuzi be balyoke bamanyire ddala emmundu eziri mu nsi we zenkana, n'abazirina. Bannannyinizo banaafunanga ebbaluwa ebakkiriza eriko omukono gwa Kabaka n'ogw'Omubaka (Resident). Ezitakkirizibwenga zinaabanga zifuuse kasomba-misango.

7. Abasuubuzi ab'amawanga gonna banajjanga e Uganda nga bwe baagala, kasita bataleeta oba kulamula kutunda bintu bigaanibwa mateeka ga mawanga oba ndagaano eyalagaanibwa amawanga. Ebintu byonna (eby'ettunzi) ebireetebwa oba ebiggibwa bulijjo mu kitundu kyonna ekya Kampani sibiiwoozebwengako mu Uganda.

8. Ku mmundu n'ebirala abakampani balagaanye okuweererezaako abafuzi abatuufu abatwalibwa Omubaka okuyamba okugunjula n'okuteekateeka n'okufuga ensi, era n'okuweereza amagye, n'okuzimba ebigo n'ensiisira z'abaserikale n'ebirala, Omubaka by'anaategeezanga nti byetaagibwa olw'okukuuma Obwakabaka (mu by'entalo), ng'ensimbi ez'okubituukiriza zitoolebwa ku z'ensi. Balagaanye era okussa eryato ly'omukka[1] ku nnyanja n'okussaawo oluguudo olutuuka obutereevu ku nnyanja y'e Mombasa olw'okukuza obusuubuzi n'okusajjalaata kw'ensi eno.

9. Obwami obukulu mu Bwakabaka bwonna bunaagabibwanga mu kubulonderamu babusaanira na babusobola, awatali kunonooza diini.

10. Okusuubula abaddu n'okubayigga kunaayitibwanga kasomba-misango era kunaabonerezebwanga mu mateeka. Okuleeta oba okuggya muno abaddu kuwereddwa.

11. Kampani eneekuuma obuyinza n'obulagizi bwa Kabaka mu nsi ye, era ekitiibwa n'emikolo gy'Olukiiko lwe bya kukuuma.

12. Endagaano eno eneegobererwa enjuyi zombi okumala ebbanga lya myaka ebiri, oluvannyuma lw'ekyo erisobola okuddibwamu obuggya, oba okulongoosebwamu, ng'enkyukakyuka bw'eriba yeetaagisizza.

(1) Ssettima=Steamer.

Tubitaddeko emikono gyaffe okubikakasa e Mmengo, Rubaga, Uganda, ku lwa leero nga 26 December, 1890.

(Ku lwa Imperial British East Africa Company)
(Mukono gwa) F. D. Lugard, Captain 9th Foot.
Mwanga, akabonero ke kano X, Kabaka lalama yaka.

Mwanga ayogeddwako, Kabaka wa Uganda, n'abaami abakulu bataddeko emikono ng'ebirimu bisoose kubasomerwa na kubannyonnyolwa nga wendi :

(Mukono gwa) F. W. de Winton, Dualla.

Abaami ba Uganda Endagaano bagitaddeko emikono ng'emaze okubasomerwamu, n'okubannyonnyolwa n'okukyusibwa yonna, buli kagambo kinnakamu.

(Mikono gya) Apollo, kabonero ke kati X, Katikkiro, kwe kugamba Omwami Omukulu owa Uganda.
Kimbugwe, Gabunga Omukulu w'Amaato, Omwami Omukulu owo 2.
Mjusi[1], Omukulu w'Eggye.
Kauta, Omwami Omukulu w'Abafumbiro.

Ababaddewo ng'emikono giteekebwako :

(Mikono gya) F. D. Lugard, Captain.
F. W. de Winton.
Kaggo, kabonero ke kati X

Omujulizi

(Mukono gwa) F. W. de Winton.
Mugema, kabonero ke kati X
Mukalya[2].

**Edagano Eno Alagani, dwa kakan Maagano Sasa tuagana na Muzunga Masisi. Hata Mamimi Mufalumi Mwanga Sutan na schizake zoth Maagani Mangini Hata Badaye Ekija Muzangu Mu ngini kuliko Ugu.**

**Haya ztafutwa tuwaagani Mapya.**

**Ona tukubale tusome fe Abakatolika na kufendisa watu wote Katika snchi yeno. Kama supenda nyo. Naamagano yako nasisi sawa sawo Naa magano yetr yakwanza Yowe. Kama tulivyo agana. Na Kufanyizibwa Kazi. Feto Kama. Kwanza. Na Hisima. Katika. Watu Wangu. Kama Kwanga.**

**(Mikono gya) F. D. Lugard Captain**
**F. W. de Winton.**

Ebyo ebyayongerwa ku Ndagaano byawandiikibwa baami bennyini nga beegeye, ne bisomerwa mu maaso ga Kabaka. Obukyuse buli mabega.

(Mikono gya) F. D. Lugard.
F. W. de Winton.

Obukyuse obwakolebwa Rev. E. C. Gordon.

Endagaano gye tukoze kati wakati w'Omuzungu naffe,

(1) Mujaasi ; (2) Mukaabya.





*Captain F. D. Lugard, D.S.O.*

nange mwene, Kabaka Mwanga Sultan, n'amatwale gaayo gonna, tukoze Endagaano endala, kwe kugamba nti oluvannyuma bwe walijja Omuzungu omulala, asinza ono obukulu, ebigambo bino birisangulwawo, ne tulagaana ndala.

Kaakati ffe, Abakatoliki, twagala tusome tuyigirize abantu bonna mu nsi yammwe nga bwe twagala, n'Endagaano yaffe eyasooka esigala nga bwe twakkirizaganya, n'Endagaano eno wakati waffe fekka na fekka kye kimu n'Endagaano yammwe, era n'omulimu gwaffe gukolebwe ng'obw'edda, n'okussanga ekitiibwa mu bantu bange ng'obw'edda.

(Mukono gwa) E. C. Gordon, Omuminsani,
Church Missionary Society.

Endagaano nno eyasooka okukolebwa wakati wa Kabaka wa Buganda n'Omungereza bwe yali etyo. Lugard by'annyonnyolako binyuma :

" Okutegeera obulungi engeri Mwanga gye yayisaamu, kyetaagibwa okujjukira amayisa ge. Kyandibadde kyangu okujuliza ebya Mackay, Ashe, Casati, n'abalala bye bannyonnyola ku bukambwe obw'ekiseegu bwe yakozesanga, naye ndowooza sikyetaagibwa nga bwe nnamaze edda okunnyonnyolako mu bimpimpi okwokya Abakristu nga balamu, n'ebiyigganyizo ebyamala emyaka ena n'okusingawo. Abantu baatemwatemwanga empolampola, ebitundu ebitemwako nga bye bisuulwa mu muliro, okutuusa n'ebiruliruli ebiramu ebitakyaliko mikono na magulu nabyo lwe byasukkizibwangamu. Ekyo nga kiri awo, olubiri lwa Mwanga kye kyolesezo ky'amayisa gonna amabi ag'e Sodoma ne Gomorra—amayisa ge nkakasa nga si mazaaliranwa mu mawanga g'Abafrika, wazira agaasibuka mu kutabagana n'abantu ab'oku nnyanja y'e Mombasa. Yagobebwako ng'ebibiina byonna bissizza kimu okuyambagana. Nnawulira nno nti mu mateeka ga Uganda, ekyo nga kimumalirako ddala okubalirwa ku nsikirano. Omuntu gwe nnakolagana naye, bwe yali nno bw'atyo. Ekyamuwalakatanga kye kyakaako ky'okufugisa enkanu awatali kugambwako, era ekyamukyayisanga obufuzi bw'Abazungu si kwagala nsi ye kuyinga, wazira okweraliikirira nti si kulwa ng'okufugisa obukati kuno kukomwako. Naye ng'asinga kukyawa Bangereza, era yandisinze nnyo okusiima okufugibwa Abadaaki oba Abafransa, kubanga omutima gwe gweraliikiriranga obutasalako nti kiriba edda ne tumwesasulizaako eggwanga ly'okuttibwa kwa Bishop Hannington. Okutya kuno nkakasa nti kwavaamu ekikankano kyennyini bwe yalaba nti ayolekeddwa okukolagana n'omuntu atamweguya. Nnategeezebwa nti mu birooto bye, yalabanga lutata okuwoolerwa kw'eggwanga eryo, kwe yeefumiitirizanga nti kuli mu nze. Yalowoozanga nti nkyalinda kaseera, n'olwekyo tikyewuunyisa nnyo okulaba nti yayimba okuntya n'okunkyawa, n'agezaako nga bw'asobola okunnemesa.

" Nneebalanga ng'eyatumibwa okubbula n'okutebenkeza Uganda: mu mazima nnasaana ŋŋaane okuziyizibwa okwewagikawo kwa Kabaka alinga oyo, mu kugoberera enteekateeka gye nnali mmaliridde okugenderako. Endagaano yamukozesebwa lwa mpaka ddala.—sikitamattamangamu."

Lugard we yaviira e Buganda mu 1892 nga Mwanga akyuseeko nnyo.




## 7

## KAPTAANI LUGARD (ERA)

### ENDAGAANO OKUGISSAAKO EMIKONO SIKWALEETA KUTEREERA

ENDAGAANO okugissaako emikono sikwaleeta kutereera. Lugard yatuukibwako okwemulugunya n'enkaayana buli gye yeekyusizanga. Abaminsani Abangereza baanakuwala kubanga yalumiriza nti eddiini n'obufuzi bya njawulo, n'olwokuba nga yagaana okukkiriza ebigo by'eddiini okuzimbibwa ewala mu kiseera ekyo. Omufransa Munsenyere Hirth, eyadda mu bigere bya Munsenyere Lavinhac mu May, 1890, yayogera kaalanga nti yalina ensonga entuufu ezimusindika okweraliikirira okubaluka kw'olutalo ng'ekibiina kye bye kyetaaga bibadde tebikiweereddwa. Ebyetaagibwa byakendeera, ate ne wabaawo n'ennyombo wakati w'abasajja ba Kampani n'Abaganda. Stokes naye n'asosonkereza lulwe.

Enkaayana nga nkakanyavu bulala, nga zikwata ku butatabagana bwa mateeka galiwo na mpisa za nsi, ku kwetaaya n'okwenkanankana kw'eddiini, ne ku ndagaano ezaakolebwa wakati w'ebibiina ku bwabyo. Lugard yanywezebwa okutuuka kwa Kaptaani Williams ng'alina eggye ettono ery'Abasudani n'omuzinga mu January, 1891, naye era nga bikyali bya Lugaba. Yagaanira ddala okwekubira ku ludda olumu, ekyandiwewudde ku buzito, ye n'agugubira ku kubeererayo nnampawengwa. Yatyanga nnyo okukwatibwa omusujja oba obulwadde obulala obwandimuziyizza okweyamba mu kiseera eky'obulwa. Ab'omu byalo sibeetantala kuleeta mmere olwokuba ng'ensi yali esiikuuse bulala. Ye n'ababe baba kuwali-




Ekkubo lya Kaptaani Lugard